

# OMULUNNYAMYA



Mukama akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville.

Ndi musanyufu nnyo okukomawo nate mu kkanisa akawungeezi kano. Wabula eddoboosi lyange ssaakaavumukko. Obubaka bwabadde buwanvumukko enkya ya leero, naye ndi musanyufu ddala okuba nti bwabadde wano, era. Era bwannyumidde nange ku lwange, okububuulira, era nsuubira nti nammwe mwanymiddwa okubuwulira. [Ekibiina ne kigamba nti, “Amiina.”—OmuK.]

<sup>2</sup> Kati temwerabira, bulijjo mujjukire kino, nti bino bye bintu ebizimba omuweereza wa Kristo. Olaba, ekisooka kwe kukkiriza, olwo ne kuddako embala y'obulungi. Era mujjukire kaakano nti, Omwoyo Omutukuvu tayinza kutikkira nnyumba ya Katonda okutuusa nga Mwoyo akozesa ebintu bino. Ne bw'okola ki, olaba. Ebyo bye bintu ebizimba Omubiri gwa Kristo, okiraba, ebintu ebyo. Kati, ekyo tokyerabira, nti kino ekisooka *wano*, kwe kukkiriza kwo. Embala y'obulungi, okumanya, n'ebirala, birina kwongerwa bwongerwa ku kwo, okutuusa ekigera kya Kristo ekijjuvu lwe kirabisibwa, olwo Omwoyo Omutukuvu n'akikkako n'akissaako envumbo ng'Omubiri ogumu. Ebintu bino biteekwa kuba bwe bityo. N'olw'ekyo, Yesu kye yava agamba nti, “Bategeererwa ku bibala byabwe.” Olaba, bibala! Toyinza kubala bibala nga tolina bintu bino mu ggwe kukusobozesa kubibala. Kati bino byonna bwe bidde mu kifo awandibadde ensi ne—n'obutatya Katonda, n'ebirala byonna, olwo obutakkiriza bwonna ne bugobwamu, olwo ebintu by'ensi byonna ne biba nga biwedde, nga tewasigadde kirala kyonna wabula ekitonde ekiggya mu Kristo. Era Abaefeso 4:30 wagamba nti, “Temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe.” Nga osibiddwako envumbo mu Bwakabaka bwa Katonda! Kati, ekyo temukyerabira. Ekyo mukikumire mu birowoozo byammwe kaakati, kyetaagisa kuba na bintu *bino* okusooka. Kati okussako envumbo ye Mwoyo Omutukuvu, nga kye Kitikkira ekitussaako envumbo okuyingira mu Mubiri. Kale.

<sup>3</sup> Tulinawo e—ekyetaago kati ekya Mwannyinaffe Little, ow'Chicago, bba yagudde ku kabenje ka mmotoka era ali ku ndebolebo ya kufa, Mwannyinaffe Little. Ne Edith Wright, mwannyinaffe wano gwe tumanyidde ebbanga eddene, ali bubi nnyo, nnyo, eka ewuwe akawungeezi ka leero, era baayagadde kino kirangirirwe eri ekkansa ffenna tusobole okusabira awamu olw'ekyetaago kino. Era kati ka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera.

<sup>4</sup> Kitaffe ow'omuwendu, Ow'omuggulu, tukunjaanye (olw'okukkiriza) okwetooloola Nnamulondo ya Katonda, era nga tusaba ekisa kya Katonda ku lw'ebiyetaago bino. Ow'oluganda Little, eyagudde ku kabenje k'emmotoka, era nga ali ku ndebolebo ya kufa. Ayi Katonda, muyambe. Leka Omwoyo Omutukuvu abeere ku mabbali g'ekitanda kye era amutuddize, Mukama. Era ne Edith Wright emmanga eri, nsaba, ayi Katonda, nti Omwoyo Omutukuvu abeere ku mabbali g'ekitanda kye akawungeezi kano era amuddize obulamu bwe nate. Kikole, Kitaffe. Ggwe wasuubiza ebintu bino, era tubikkiriza. Era nga bwe twabadde tulowooza enkya ya leero, nga obuwanvu bw'olugendo bwe butali kintu gy'Oli, Ggwe osigala oli mukulu ku ludda lw'ensi olumu era nga bw'Oli ku lulala, kubanga Oli buli wamu, oyinza byonna, era tewali kikulema. Era tusaba, Kitaffe, otuwe bino bye tusabye okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

<sup>5</sup> Ndi musanyufu nnyo okuba wano akawungeezi kano nate, oku...Era mmanyi ebbugumu lingi. Zino nkunjaana ssatu eziddiriinjaana, era ki...Mmanyi nti abamu ku mmwe mulina okuvuga mayiro nga bitaano okuva kati okutuuka ku makya. Era okutandika n'okwosa enkya, nze nnina lukumi mu bina ez'okuvuga nga luwedde. Kale nno, kale nno nzi—nzikiriza nti kibadde kiseera kikulu nnyo gye muli mwenna. Era kibadde kiseera kikulu gyendi okubakyalira. Waliwo ekintu kimu kyokka kye twasabye, bangi nnyo abalina okuzzibwayo olw'obutaba na wa kutuula wamala, tetusobola kuteeka nnyo mujjuzo mu nkuubo, ekitongole ky'abazikiza omuliro tekijja kukigumiikiriza ekyo. N'olw'ekyo tugeezako nnyo kati okufuna ekkana esingako wano obunene, kibeere nti bwe tuba munda, tube n'abantu we batuula awamala.

<sup>6</sup> Era kati, ekiseera kyonna, mwanirizibwa wano mu kkunjaaniri, we tatalina nzikiriza ndala yonna okuggyako Kristo, tetulina tteeka ddala lyonna wabula okwagala, tetulina kitabo kirala kyonna okuggyako Bayibuli. Kale nno...Era omusumba waffe ye W'oluganda Orman Neville ono. Era tulina ekibiina wano kya—kya bantu bangi abakunjaanirawo nga ekkunjaaniri eritalina ddiini yonna kwe lyesigamye, w'ojja obuzzi n'osinza Katonda okusenziira ku kulumirizibwa kw'omutima gwo. Tuli basanyufu bulijjo okuba naawe. Era jangu wonna w'oba osoboledde, bulijjo tujja kuba basanyufu okukwaniriza.

<sup>7</sup> Era kati omulundi oguliddako, okusenziira nga bwe mmanyi, lwe ndiddamu okuba nammwe, kiriba nga ekkana ewedde. Era mu kiseera ekyo njagala, oluvannyuma lw'*Emirembe gy'Ekkana*, awo twagala kugenda ku *Bubonero* omusanvu obusembayo, n'*Obubonero* omusanvu obusembayo obuli mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, tuyigirize Ekyo.

<sup>8</sup> Era kati waliwo emirundi mingi nnyo abalwadde n'abanyigirizibwa lwe bajja, ne mu nkuŋŋaana zino, okwolesebwa we kwetaagisiza, n'okujja okwebuuzza mu ngeri ey'enjawulo kinnoomu. Bwe nnyingira mu ekyo, olwo mba—mba ssikyayinza kubyawula, era, nedda, kinzibuwalira okubuulira oluvannyuma lw'ekyo. Era buli omu akimanyi nti mu nkuŋŋaana zaffe ez'okuwonyezebwa, nti Mw. Baxter oba omulala be batera okubuulira, nze oluvannyuma ne nzija okusabira abalwadde, kubanga kiba kikooyamukko. Era nnina be mbadde nsabira akaseera katono emabegako awo, ne nsisinkana omwana omuto wano abasawo gwe. . . mu mugongo gwe nga mulimu ekintu, alina engeri gye yazaalibwamu. Bwe nfulumye, ne mmulaba nga atudde wali asibiddwako ki pulasita. Omwana oyo tajja kusigala nga mugongobavu bw'atyō nate, ajja kuwona. Ddala, bwe kiri, okiraba. Ekyo, nkimanyi ekyo. Mukiraba, ekyo nkikkiriza. N'olwekyo twagala tubeere n'okukkiriza kwaffe era tukkiririze mu Katonda.

<sup>9</sup> Buli omu ku mmwe, era bangi ku mmwe tetumanyiganye, abaweereza mwenna n'abalala. Bwe mba ssiwubiddwa, ono ye W'oluganda Crase. Si bwe kiri? Ow'oluganda Crase, nsa—nsaanidde okukwetondera, olw'obutalabikayo engulu eyo luli lwe waaliyo okuwongayo. Oba oli awo ndijjaye mu lukuŋŋaana olw'oku nkomerero ya wiiki, nakyō kija kukola. Ssi bwe kiri? Engulu eyo e Bloomington. Muli bulungi? Kirungi. Abamu ku b'oluganda bano baweereza, bwe nsuibira. Oli muweereza? Yee, ssebo. Mukama akuwe omukisa. Kati abaweereza bameka abali mu kizimbe, ka tulabe omukono gwo. Weewaawo, ekyo kirungi. Tuli basanyufu okuba nammwe wano, tuli basanyufu nnyo. Katonda abawenga omukisa bulijjo!

<sup>10</sup> Kaakati, ffe okusobola okufuluma nga bukyali, abamu bagenda Georgia, Tennessee, New York, buli wamu, okuva akawungeezi ka leero, okutandika n'akawungeezi ka leero. Kati nno, muvuge n'obwegendereza mu nguudo. Bw'owulira nga olimu otulo, nga ate toyagala kugenda mu kisulo, dda ebbali w'oluguudo osimbe emmotoka yo weebake okutuusa lwo. . . Nze bwe ntyo bwe nkola. Okiraba, dda buzzi ku mabbali weebake. Togeza, tovuga mmotoka nga olimu otulo. Kibi. Era, jjukira nti, ssi ggwe, wabula muvuzi munno gw'olina okwegendereza. Okiraba? Ggwe gy'olaga omanyiiyo, naye ye gy'alaga tomanyiiyo, kale—kale olina okwegendereza omuntu oyo. Kale nno, kakasa nti oli bulindaala ekiseera kyonna, okulaba kyonna ekiddako.

<sup>11</sup> Kati, nnandyagadde okusoma akawungeezi ka leero ekitundu ky'Ekyawandiikibwa ekisangibwa mu Kitabo kya Yokaana Omutukuvu. Kati, Ebyawandiikibwa bino ebitono bye tusoma era bye tujulizaako, biba bya kutuwa musingi ku ekyo kye tuba tugezaako okwogera. Era bulijjo, tewali mulundi na gumu, bwe mba nzijukira bulungi, lwe nnali

nzize ku kituuti, okugezaako okumala gabaako kye njogera bwogezi. Bulijjo ngezaako okulindirira, okwetegereza, okuyiga nga nneekenneenya, okusaba, okutuusa lwe mpulira nti nnina ekintu ekinaayamba abantu. Bwe mba ssiriiko ngeri gye nnyinza kuyambamu, tewaba kinneetaagisa kuyimirira wano, olaba. Ekinnyimiriza wano, kugezaako kuyamba! Era kati akawungeezi kano, weewaawo, ekitundu ekisinga obunene ku kibiina kyaffe kyafulumye ku makya ga leero, era baabadde balina okuddayo eka, bangi ku bo. Naye, akawungeezi ka leero, nnabagambye nti bwe munaaba musigaddewo tujja kugezaako okubaako ne kye twogera okumala eddakiika nga ana-muttaano ku kintu kye nsuibira nti kiyinza okutuyamba. Era nga kino tugenda kukyesigamyia ku njiri ya Yokaana Omutukuvu, essuula ey'e 16, era ka tutandikire nga ku—ku lunyiriri olw'o 7 olw'essuula ey'e 16, tusomere ddala okutuuka ku—ku lunyiriri olw'e 15.

*Naye nze mbagamba amazima; kibasaanira mmwe nze okugenda: kubanga nze bwe sirigenda, Omubeezi talibajjira; naye bwe ndigenda ndimutuma gye muli.*

*Ye bwaliija, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango:*

*Olw'ekibi, kubanga tebanzikiriza nze;*

*Olw'obutuukirivu, kubanga ηηenda eri Kitange, so nammwe temukyandaba nate;*

*Olw'omusango, kubanga omukulu w'ensi eno asaliddwa omusango.*

*Nkyalina bingi okubabuulira, naye temuyinza kubigumiikiriza kakaano.*

*Naye, oyo Omwoyo ow'amazima, bw'aliija, anaabalunηamyanga mu mazima gonna: kubanga taayogerenga ku bubwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga, by'anaayogeranga: era anaabalaganga ebigenda okujja.*

*Kubanga, oyo anangulumizanga nze: kubanga anatoolanga ku byange: n'abibalaga mmwe.*

*Byonna byonna Kitange by'alina—byali nabyo bye byange: kyenvudde ηηamba nti, anaatoolanga ku byange, n'abibalaga mmwe.*

<sup>12</sup> Kati mu lunyiriri luno olw'e 13. "Naye bw'aliija Omwoyo ow'Amazima, anaabalunηamyanga mu Mazima gonna. Omwoyo ow'Amazima bw'aliija, alibalunηamyanga mu Mazima gonna." Amazima kye kiki? Kye Kigambo. "Kubanga Anaayogeranga, taayogerenga ku bubwe Ye; naye ekyo ky'Anaawuliranga, ky'Anaayogeranga. Ky'Anaawuliranga, ky'Anaayogeranga." Amakulu nti, Ye yennyini y'Anaabikkulanga ekintu, mukiraba. N'essuula ey'o 4 ey'Abaebbulaniya, Bayibuli egamba nti

“Ekigambo kya Katonda kisala nnyo, kya maanyi nnyo okusinga ekitala eky’obwogi obubiri, e—Ekyawula ebirowoozo ebiri munda, mu mutima.” Olaba, “Ky’Anaawuliranga, ky’Anaayogeranga, era Alibalaga ebigenda okujja.” Olaba? Kiki ekigenda okukola ekyo? Omwoyo Omutukuvu Oyo agenda okujjira mu Linnya lya Mukama waffe Yesu.

<sup>13</sup> Kale nmandyagadde okutwala eddakiika zino entonotono eziddako okubasaba okussaayo omwoyo ku kigambo “mulunḂamya,” *OmulunḂamya*. Omanyi, nnina ku bumanyirivu mu bifa mu ttale. OmulunḂamya, ye muntu akulambuzi. Oteekwa okuba n’akulunḂamya bw’oba nga gy’olaga tomanyiyo. Era nga omuntu omumanyirivu mu by’okuyigga, n’okutalaaga ensi yonna, nfunye ku—ku mukisa okusisinkana abantu abo abalambuzi. Nange ndi omu ku abo abalambuzi abantu, nze kennyini, eyo mu Colorado, kuba mmanyi bulungi ekitundu ekyo, eby’okulunda amagana, n’ebirala, nange nsobola okulambuzi abantu mu Colorado.

<sup>14</sup> Kaakati, omulunḂamya atekwa okuba nga amanyi ekkubo. Ateekwa okuba nga amanyi gy’alaga ne ky’akola, n’engeri y’okukulabiriramu mu lugendo. Okiraba? Ateekwa okukakasa nti tokomekkereza nga obuze. OmulunḂamya ye muntu alondebwa nga alina ebisaanyizo. Gavumenti y’ekitundu ekyo y’eronda omuntu ono bwaba ow’okuba omulunḂamya. Era, kati, bw’oba ow’okugenda ku lugendo eyo mu ttale, oba oli awo gy’otamanyidde kugenda, tekiba kirungi kugendayo nga tomulina. Mu butuufu, mu bifo ebimu toyinza na kugenda nga tomulina, okugeza, nga e Canada. Omu—omulunḂamya y’alina okuteeka omukono ku layisinsi yo okukwanjula eri oyo akuuma awakuumirwa ebisolo. Ateekwa okussaako omukono ggwe ye kennyini, era awo y’aba akuvunaanyizibwako. Ssinga wabaawo ekintu kyonna ekikutuukako, buba buvunaanyizibwa bwe. Alina okukulabirira. Ateekwa okukakasa nti tobula. Alina okukakasiza ddala nti takusindika wantu gy’otamanyi ngeri ya kwekomyawo. Era ssinga obula, atekwa okuba nga ekitundu ekyo akimanyi bulungi nga asobola okukuzuula mu bwangu ddala. Ateekwa okuba nga amanyi ebintu bino byonna oba si ekyo tayinza kuba mulunḂamya, tasobola kuweebwa layisinsi emukkiriza kuba mulunḂamya.

<sup>15</sup> Mu bintu nga bino, emirundi egimu oba olina okuba nga walagaanye, okuba essimu n’obategeerezaawo nga bukyali, n’okwata ekifo nga bukyali okusobola okukutwalayo. Era bw’oba nga . . . Ebiseera ebimu ayinza okuba nga takyalinawo kifo yadde nga tayinza kukutwala, oba olina okubisazaamu okumala akaseera, oyo ye—ye mulunḂamya owa wano ku nsi. Ekyo teweetaaga kukikola eri OmulunḂamya owa Katonda, Ye aba mwetegefu bulijjo, bulijjo aba mwetegefu.

<sup>16</sup> Kaakati, ssinga tokola nteekateeka zino, nga olowooza ku ky’okugenda ku lugendo mu ttale gy’otatuukangako, oyinza

okukomekkereza nga obuliddeyo, okukkakkana nga ofiiriddeyo. Oba n'omukisa gumu ku buli kikumi okufulumama ettale, bwe kiba nti, si wasaakaativu nnyo, oyinza okuba n'omukisa nga gumu ku kikumi okweggyayo wekka. Naye bwe kisangibwa nti ettale eryo zzibu nnyo, okwekomyawo wekka, oba tolinaawo kakisa konna ka kuvaayo. Oba tolina ngeri yonna ya kukikolamu, kubanga weesanga otambula w'ova w'odda, era awo oba—oba okomye, oba owedde. Kati, era ojja kuzikirira bw'oba tolina mulunnamya amanyi kitundu ekyo era nga amanyi n'engeri y'okukukomyawo.

<sup>17</sup> Bangi ku mmwe mujjukira bulungi akatundu mu mawulire ke mwasomako omwaka oguyise eri e Tucson, mu Arizona, ku Balenzi bali Abasikawutu. So nga ate, baali baatendekebwa engeri y'okwerabiriramu, baali basikawutu. Ate nga tebaali Basikawutu ba Myaka mito, wabula baali basikawutu abajjuvu. Kati baagenda ku lugendo lw'okulambula mu nsozi eyo waggulu, naye omuyaga ogw'omuzira ne gujja, obutonde ne butabanguka. Era bwe baakitegeera nga babuze bonna ne basaanawo, kubanga teba... waaliwo, enkyuukakyuuka eyajjawo okuva mu mbeera eya bulijjo, kale ne batamanya ngeri ya kuvaayo. Olaba? Nneerabidde n'okwerabira abavubuka baali bameka abaazikiririra mu lusozi, newankubadde baatwalayo ennyonyi zi namunkanga, n'Amagye ageyambisibwa mu mbeera ezigwa teziraze, n'abajaasi aba National Guards, n'obuyambi bwa ba nnakyewa, na buli kimu kyonna. Naye baabula, nga tewali amanyi we bali. Era nabo bennyini nga tebasobola kweyamba. Bonna baafiira mu muzira kubanga baali tebamanyi oba baali bagenda mu buvanjuba, bukiika-kkono, bugwanjuba, oba bukiika-ddyo, bambuka oba baserengeta, oba yonna gye baali badda, wonna wonna nga wafaanagana.

<sup>18</sup> Kati, omulunnamya amanya w'aba ali, wadde embeera y'obudde efaanana etya. Ya—yatendekebwa kukola ekyo. Aba amanyi ky'akola. Buli kimu aba yakimanyiira. Nga amanyi buli kimu bwe kifaanana, n'olwekyo asobola okubeera mu nzikiza n'aye ng'alina ky'awulira.

<sup>19</sup> Eky'okulabirako, waliwo akakodyo kano ak'edda ak'oyo alambuza abantu. Omanyi, ssinga oba osobola okulaba emmunyeenye, omuntu yenna aba asobola okumanya gy'aba agenda ssinga aba asobola okwetegereza emmunyeenye. Era bulijjo oba olina kwetegereza emmunyeenye emu etakyukakyuka. Waliwo emmunyeenye emu yokka etakyukakyuka, era eyo ye Mmunyeenye ey'Obukiika-kkono. Olaba, eri emu yokka, eyimirira mu kifo kimu. Eyo ekiikirira Kristo, nti aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Abalala bayinza okusagaasagana, naye Ye takyuka. Ekkanisa ziyinza okukuwabya nga zikuzza eno, endala ne zikuwabya nga zikuzza eri; naye Ye tainza, Ye asigala y'omu.

<sup>20</sup> Kale, kati, bw'oba tosobola kulaba Mmunyeenye eno ey'Obukiika-kkono, nga ebire bikwatiridde waggulu, kati

bwe weetegereza, bwe buba misana nga obuze, awo oba ojja kutunuulira miti. Ku muti bulijjo, enkonge zibeera ku ludda olw'obukiika-kkono olw'omuti, kubanga oludda lw'omuti olw'ebukiika-ddyo lwe lusinga okufuna akasana okusinga olw'ebukiika-kkono. Naye watya ate nga waliwo enzikiza nga toyinza kulaba nkonge? Bw'ozibiriza amaaso n'ogezaako obutaloozo kintu kyonna, n'ozibiriza amaaso n'ofuna omuti ogw'ekikuta ekiseerera, n'ogwetoolooza mikono gyo okutuusa engalo zo lwe zisisinkana, oluvannyuma n'otambula mpola mpola nga bwe wetooloola omuti ogwo. Kati bw'otuuka awantu nga ekikuta ky'omuti kya mubiri munene, nga kiriko enjatika, olwo lwe luba oludda olw'ebukiika-kkono (olw'embuyaga), era awo oba osobola okumanya wa gy'olaga, oba bukiika-ddyo oba bukiika-kkono. Mu ngeri bw'etyo, ha, waliwo ebintu bingi, naye kiba kyetaagisa muntu oyo alambuza okusobola okutegeera engeri y'okukolamu ebintu ebyo. Naye omuntu owa bulijjo bw'atuukayo ajja kugamba nti, "Ssirina kya njawulo kye mpulira." Olaba? Okiraba, oba olina okuba nga watendekebwa olw'omulimu ogwo ogw'okulunḡanya abantu.

<sup>21</sup> Era abalenzi bano, awatali kubuusabuusa baali basikawutu balungi ddala, bayinza okuba nga baali bamanyi okusiba ebifundikwa, bayinza okuba nga baali basobola n'okukuma omuliro nga bakozesa amayinja, n'ebintu ebirala bwe bityo. Naye okumanya engeri gy'onoovaayo, kye kikulu! Bo, baali tebaamanyi ngeri ki gye baali balina kuvaayo, n'olwekyo bonna baazikirira kubanga tebageze na muntu wa kubalunḡanya.

<sup>22</sup> Waliwo taata omu omulagajjavu, emyaka ebiri egiyise, mu Colorado, ha, yali ayambuka mu nsozi, nga alina akalenzi ka myaka nga mukaaga, oba musanvu. Yali akatwala omulundi gwaako ogusooka okuyigga engabi. Kati baayambukira ddala eri waggulu ku lusozi, akalenzi ne kagamba kitaawe waako nti, "Mpulira nkooye."

<sup>23</sup> "Jangu nkuweeke. Tetunnatuukira ddala waggulu kimala, engabi ziri eri waggulu." Omusajja ne yeyongerayo ne yeyongerayo ne yeyongerayo okutuusa lwe yatuuka... Yali tamanyi, yali musajja munnakibuga. Yali talina kyamanyi ku bya kuyigga na wa aw'okugenda. Omuntu yenna amanyi eby'omu ttale akimanyi bulungi nti engabi tezibeera waggulu nnyo. Tezigenda waggulu eyo. Embuzi ze zibeera waggulu eyo, so si ngabi. Zibeera wansi we zisobola okuliira omuddo, ziba zirina okuba we zisobola okufuna eky'okulya. Era, bwe kityo, naye omusajja ono ye yaloozo muli nti, "Bwe nnaayambuka eri mu njazi waggulu eyo, nja kufunayo engabi ennume ennene obulungi." Kubanga yali yalabako ku kifaananyi ky'engabi nga ziyimiridde ku—ku lwazi, kale n'aloozo nti eyo gy'anaagisanga. Togeza ngako kugoberera by'osanga mu butabo bw'amawulire, bannange, ha, bannange, ojja kufuna ekyekango!

Ekyo, kimu kyokka ky'olina okukola, kwe kugenda n'omuntu akulambuzza n'oba nga omanyi wa wooli.

<sup>24</sup> Kale taata oyo, enkuba yajja n'etonnya mangu omulundi gumu waggulu eyo, enkuba eno etera okugwa obugwi. Ate nga omusajja ono we yagendera okuyigga obudde bwali buyise nnyo, okutuuka obudde lwe bwakwata enzikiza nga takyasobola kulaba kkubo limuzzaayo. Era ne . . . awo embuyaga ez'amaanyi ne zijja ku ntikko y'ensozi, era yali ayanguwa nnyo, kati ekyo . . .

<sup>25</sup> Olina okumanya engeri y'okutaasaamu obulamu bwo, ssinga embeera eba ekusangirizaayo. Ekirala ky'ekyo, okumanya engeri y'okutaasaamu obulamu bwo! Nnali nninnye ku miti ne nseerera nga bwe nzika, ne nninnya emiti ne nseerera ne nkomawo wansi, nga bwe nnyambuka bwe nzira wansi bwe ntyo, okusobola okwekuma nga ndi mulamu. Era nnali nziridde omuzira nga gukutte ffuuti nnya erudda n'erudda, ne njasa enkonge y'omuti ne ngiteeka wansi awo. Nga ate mpulira enjala enzita nga ssisobola kukigumiikiriza! Ne njasa enkonge zino erjumu, ne nzikumako omuliro ne nguleka ne gukwata ne gusaanuusa omuzira. Kati awo nga ku ssaawa musanvu ez'ekiro, oba munaana, ebisiki ne mbijjawo ne nneebaka ku ttaka eryo eribugumye, okusobola okusigala nga ndi mulamu. Era oteekwa okuba nga ebintu bino omanyi engeri y'okubikolamu.

<sup>26</sup> Naye omusajja ono yali tamanyi ky'akola, teyalina muntu yenna kumulagirira. Era yaddirira katabani ke n'akateeka mu kifuba kye n'akawulira nga kagenda kannyogoga okutuusa lwe kaafa. Yali mulagajjavu! Ssinga yali ageze n'omulunjumya, yandibadde amukomyawo okuva ku lusozzi ne bwe zandibadde ssaawa mmeka, olaba. Naye yalinda obudde ne buziba, n'aba nga takyasobola kuzuula kkubo limukomyawo.

<sup>27</sup> Ogwo gwe mutawaana oguli ku Bakristaayo leero. Balinda ekizikiza ne kimala okubabuutikira, awo n'olyoka ojjukira nti tewayise na Mulunjumya. Omulunjumya!

<sup>28</sup> Kati, wali olabye ku muntu abuze? Waliwo omuntu yenna eyali azaawudde omuntu nga abuze? Kye kintu ekisinga okukwasa ennaku kye wali olabye. Omuntu bw'abula, atabuka. Aba tamanyi ky'akola. Twakwata omusajja ebweru eyo, omulenzi, eyali abulidde eyo mu ttale, era yali ateeberezebwa okuba . . . Yali mulunzi wa magana ga nte, naye yali mu kitundu kikyamu nga gy'abulidde, gye yakomekkereza. Era bwe baamuzuula nga wayiseewo ennaku ssatu, yali adduka nga omulalu, nga bw'aleekaanira waggulu. Emimwa gye nga gibabuse, nga emmundu ye yagisudde dda eri nga tamanyi na kya kukola. Era muganda we yennyini, bwe . . . Baalina okumukwata ne bamusiba busibi. Muganda we yennyini bwe yajja gy'ali, yamulwaanyisa ng'ensolo, era yageezaako n'okumuluma, nga tamanyi na wa w'ali. Lwaki? Yali abuze. Era omuntu bw'aba abuze, abeera mu mbeera ya kuwunga. Ate ye ku bubwe



aba takimanyi nti eyo ye mbeera gy'alimu, kubanga okubula kumuleetako ekitengo kino mu mbeera eyo, n'aba nga tamanyi wa w'ali na biki by'akola.

<sup>29</sup> Era bwe kityo bwe kiri nga omuntu abuze okuva ku Katonda! Akola ebintu by'atasobola kukola mu mbeera ye eya bulijjo. Ajja kukola ebintu ebi—ebisukka ebirowoozo by'omuntu w'asaanye okukoma okukola. Omuntu eyabula okuva ku Katonda, ekanisa eyabula okuva ku Katonda, ekanisa eba evudde ku Katonda, eba evudde ku nnono za Bayibuli ya Katonda, ejja kukola ebintu by'otosuubira kusanga mu kkanisa ya Katonda omulam. Bajja kufuna ssente nga baziggya mu kukuba zzaala, okuzannya obululu, emizannyo gy'okusiba ssente, kyonna kyonna kye bayinza okukola. Bajja kuyigiriza buli kye basanze, baleke buli kimu kimale gakolebwa, babiibiite abo abawaayo ensimbi ennyingi mu kkanisa, n'ebirala bwe bityo, nga babaleka okukola nga bwe baagala. Kye ekyo. Bajja kuteeka abadinkoni ku kakiiko abawasizza emirundi nga ena oba etaano, babaleke bagende mu maaso n'ekyo, olw'okwagala okufuna eky'okubabeezaawo. Waliwo engeri emu yokka gy'oteekwa okubeerawo, era obwo, bwe buvunaanyizibwa bwo eri Katonda. Yimirira obuulire Amazima! Yabula, omuntu eyabula aba mu mbeera ya kuwunga, aba mulalu.

<sup>30</sup> OmulunḂamya y'ategeera, engeri y'okutambulamu era na kiki eky'okukola. Katonda mu... Katonda bulijjo abaddenga asindika omulunḂamya eri abantu Be. Katonda talemwangako. Atuma omulunḂamya, naye oba olina okukkiriza omulunḂamya oyo. Olaba? Olina okumukkiriza. Olina kukwata kkubo ly'aba agambye. Bw'otuuka mu ttale, oyo akulunḂamya n'agamba nti, “tukwate *lino*,” nga ate gwewe olowooza nti olina kukwata *liri*, ojja kukomekkereza nga obuze. Era bw'oba... Katonda atusindikira omulunḂamya atulunḂamye, era tuba tulina okugoberera omulunḂamya oyo. Si nsonga kiki kye tulowooza, ekirabika nga eky'amakulu n'ekirabika nga eky'obusiru, obwo si buvunaanyizibwa bwaffe okubyawula, ekyo kya mulunḂamya yekka.

<sup>31</sup> Katonda, mu Ndagaano Enkadde, yatumanga bannabbi. Baali balunḂamya, kubanga Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri nnabbi. Baali balunḂamya. Be baalunḂamyaanga abantu nga bwe twawulidde eggulo, ebikwaata ku Isaaya ne Uzziya. BaalunḂamizibwanga, era nabo ne balunḂamyaanga abantu nga babalagirira. Era kati Katonda bulijjo abaddenga asindika abalunḂamya Be, tabeerangako awo nga talina mulunḂamya, okuyita mu mirembe gyonna. Katonda bulijjo abaddenga n'omuntu amukiikirira ku nsi eno, mu mirembe gyonna.

<sup>32</sup> Kati, ebiseera ebimu bawaba okuva ku mulunḂamya, “baawukana ku mugendo,” nga bwe tintera okukiyita. Yesu bwe yali wano ku nsi, temujjukira Yesu bwe yagamba Abafalisaayo nti, “Mmwe abasaale abazibe b'amaaso”? Abasaale abazibe

b'amaaso, nga baazibwa amaaso eri ebintu by'omwoyo. Olaba? Kati, baali balina kuba balunḡamya, abalunḡamya abantu, nga balunḡamya abantu eri obulokozi. Naye Yesu yagamba nti, "Muli bazibe ba maaso!" Era n'Agamba nti, "Mubaleke, kubanga omuzibe bw'akulembere muzibe munne, bombi tebaagwe mu kinnya?" Abasaale abazibe b'amaaso! O, ensi nga eyooneddwa n'ekyo, omuzibe okulunḡamya munne. Tayagala weesigame ku kutegeera kwo. Katonda tayagala weesigame ku kutegeera kwo oba ku birowoozo byo, oba ebirowoozo eby'obuntu.

<sup>33</sup> Katonda atuma Omulunḡamya, era Katonda ayagala ojjukire nti oyo ye Mulunḡamya gwe yerondera Ye. Era tuteekwa okumujjokira. Wano Kigamba nti, Yesu yagamba nti, "Ssiribalekerera, naye ndisaba Kitange naye alibaweereza Omubeezi omulala." Era Omubeezi ono, nga bw'Aliba azze, yali wa kutulunḡamya eri Amazima gonna. Era Ekigambo kya Katonda ge Mazima, era Ekigambo ye Kristo, "Nze Kkubo, Amazima, n'Obulamu." Ye Kigambo, "Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'abeera awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera wamu naffe." Kale nga ssinga tugoberera Omulunḡamya oyo yennyini ow'amazima, Omwoyo Omutukuvu, yali wa kutubuulira ebyo bye yali alabye, ebyo bye yali awulidde, era n'okutulaga ebyo ebyali bigenda okujja. Amiina. Ky'ekyo. Agenda kubalaga ebigenda okujja.

<sup>34</sup> Kati ekanisa leero bwe zigaana Ekyo, tuyinza tutya okusuubira okugenda mu Ggulu? Nga ate Omwoyo Omutukuvu yatutumirwa okuba Omulunḡamya, ffe nga twagala kalidinaali, oba omulabirizi, oba omukulu w'abakadde, oba omuntu omulala mu ttuluba eryo y'aba atulunḡamya, so nga Omwoyo Omutukuvu yatuweebwa okutulunḡamya.

<sup>35</sup> Era Omwoyo Omutukuvu bulijjo ayogera ku Kigambo. "Nkyalina bingi eby'okubabuulira, naye temuyinza kubitegeera kaakano, naye bw'Alijja, alibalunḡamya mu Byo." Eyo ye nsonga y'okujja kw'Obubonero. Ku nkomerero y'Akabonero ak'Omusanvu, ekyama kya Katonda kirina okuba nga kiweddeyo, okumanya Katonda ye Ani, kiki ky'Ali, Abeerawo atya, enkula Ye, ne bw'Ali. Osaanye okuba nga otuuse waggulu *wano* mu kiseera ekyo, olaba, okututuusa mu kigera ekijjuvu eky'abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, Ekanisa enaaziddwa mu Musaayi gwa Kristo, eyagulibwa awatali nsimbi, eyasasulirwa n'Omusaayi gwa Yesu Kristo.

<sup>36</sup> Kaakati, tuutuno, Omulunḡamya, era nga y'Oyo Omulunḡamya Katonda gwe yatuwa. Kaakati, tuyita mu ttale, era nga tulina gye tulaga, kyokka tetuyinza kweyongerayo awatali Mulunḡamya ono. Era omuntu yenna tekamutanda n'agezaako okussaawo omulunḡamya omulala yenna! Ssinga ogeza n'okikola, ajja kukuggya mu kisinde. Ono Omulunḡamya y'amanyi ekkubo! Ekkubo alimanyi akawonvu n'akagga.

Amanyi buli kirowoozo ekiri mu mutima gwo. Amanyi buli omu ali wano. Amanyi ky'oli era ne kye wakoze, n'ebikukwatako byonna. Ye Mulunŋanya wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu, era ajja kukubikkulira ebintu, era ajja kukubuulira ebintu by'Aba awulidde, era asobola okukuddiramumu ebigambo bye wayogera n'ayogerera ddala ekyo kyennyini kye wayogera. Amiina. N'akubuulira ekyo kye wali, kiki ekikulimu, ne wa gy'ogenda. Omulunŋanya, Omulunŋanya omutuufu, era Ajja kukulunŋanya eri Amazima gonna, era Ekigambo Kye ge Mazima.

<sup>37</sup> Kaakati, Omwoyo Omutukuvu talikuleetera kukubira “amiina,” eri ekikwate obukwate ekyayiyizibwa omuntu. Ekigambo kya Katonda kyokka ky'Ajja okukkaatiriza ne “amiina,” kubanga bwe kityo bwe Kiri. Omwoyo Omutukuvu taja kukukulemba mu ngeri ndala yonna. Kaakati ekyewunyisa kiri nti, ffe ffenna, ebibiina byaffe eby'amadiini ag'amaanyi n'ebirala byonna, ffenna twetwala okuba nti tutukuberwa Mwoyo Mutukuvu, kyokka nga enjawulo eri wakati waffe nnyo nnyo eringa misana na kiro.

<sup>38</sup> Naye Pawulo, Omufalisaayo oyo eyafuna Omwoyo Omutukuvu Ananiya bwe yamubatiza, n'agenda mu Buwalabu n'abeera eyo nga ayiga okumala emyaka esatu, bwe yakomawo, teyeebuza ku kkanisa ku kintu kyonna okumala emyaka kkumi n'ena, era bwe yajja n'asisinkana Peetero, eyali akulira ekkkanisa y'e Yerusalemi, baali balaba kye kimu mu Njigiriza. Lwaki? Lwa Mwoyo Mutukuvu y'omu! Peetero we yabatizanga mu Linnya lya Yesu Kristo, ne Pawulo yakolanga ekintu kye kimu nga tewali asoose kumugamba. Peteero we yayigirizanga okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'okutukuzibwa, n'ebirala, Pawulo naye yakolanga ekintu kye kimu, nga tamaze kwebuza ku kkanisa, kubanga Omulunŋanya yali y'omu. Kati tuyinza tutya okubaawo leero nga abantu beegaana Amazima gano gonna? Peetero bwe yayigirizanga ekyo kye yayigirizanga ku ngeri ekkkanisa gye yali erina okutambuzibwa mu butebenkevu, Pawulo naye yalina Enjigiriza y'emu, kubanga baalina Omulunŋanya y'omu.

<sup>39</sup> Omulunŋanya tagenda kutwala muntu omu erudda eno, ate omulala erudda eri, omu amusindike e buvanjuba ate omulala amusindike e bugwanjuba. Okiraba, Ajja kubakuumira wamu. Era ssinga tuleka bulesi Omwoyo Omutukuvu n'atukuumira wamu, tujja kuba bumu. Ssinga—ssinga tetuleka ssetaani kutuwalula kutukwasa kkubo kkyaamu, tujja kuba n'omutima gumu, endowooza emu, nga tussa kimu, olw'Omwoyo omu, nga ye Mwoyo Mutukuvu, Omulunŋanya wa Katonda anaatulunŋanyanga eri Amazima gonna. Ky'ekyo. Naye olina okugoberera Omulunŋanya wo. Yee, ssebo.

<sup>40</sup> Tunuulira Nikoodemu, yali yeetaaga Omulunŋanya, so nga ate yali musajja mugezi nnyo. Yali muyigiriza, nga alina

emyaka nga kinaana egy'obukulu. Yali omu ku Bafalisaayo, manya—manya ku Kkooti Enkulu, Akakiiko, Akakiiko k'Abaweereza. Yali omu ku basajja baabwe ab'amaanyi, omuyigiriza mu Isiraeri, eyali omukugu mu kyo. Kirowoozeeko, omuyigiriza omukenkufu! Weewaawo, amateeka yali agamanyi, naye bwe kyatuuka ku ky'okuzaalibwa ogw'okubiri, yali yeetaaga Omulunnamya. Yali akiyaayaanira. Yakimanya nti wateekwa okuba waliwo eky'enjawulo ekibulawo. Engeri gye yennyonyolamu eri Kristo ekiro ekyo yakikakasa. Era kyakakasa ne kino, nti n'endowooza ya bali abaali basigaddeyo nayo bw'etyo bwe yali, okuggyako nti tewali n'omu ku bo yalina bu—buvumu nga ye bwe yalina. Tewali n'omu ku bo yali asobola kwesowolayo n'akola ekyo kye yakola. Mmwe mwenna, abantu, musalira Nikoodemu omusango olw'okujja ekiro. Naye yatuukayo. Yatuuka. Mmanyi nti abantu abamu tebasobola wadde okusitula ekigere, ka bube misana ka bube kiro. Naye ye yatuukayo, era yali yeetaaga Omulunnamya, era n'agamba nti, "Omuyigiriza, ffe," okuva mu Kooti Enkulu, "tumanyi nti Oli Muyigiriza eyava eri Katonda." Lwaki yali akimanyi? Yali yakakasibwa. Olaba, yali ayagala kumanya okuzaalibwa ogw'okubiri kuno kye kwali kuteggeza, era yagendera ddala eri Oyo omutuufu, kubanga Katonda yali amaze okukakasa nti Ono ye Mulunnamya We, Yesu. Weetegereze kye yagamba, "Omuyigiriza, tukimanyi nti Ggwe Muyigiriza eyava eri Katonda, kubanga tewali ayinza kukola bintu bino Ggwe by'okola, okuggyako nga Katonda ali naye."

<sup>41</sup> Okwo kwali kukakasibwa, nti munda mu Ye mwalimu Katonda omulamu. Ekyo kye yajulizanga nti, "Si Nze nkola emirimu gino; wabula Kitange ali mu Nze. Mazima ddala mbagamba nti, Omwana talina ky'ayinza kukola ku Bubwe; naye ky'Alaba Kitaawe nga akola, n'Omwana ekyo ky'akola. Kitange akola, era okutuusa kaakano Nange nkola." Amakulu nti, Katonda yamulaganga eky'okukola, n'agenda bugenzi n'akiteeka mu nkola. Teyakolanga kintu kyonna okutuusa nga Katonda amaze kumugamba okukikola. Amiina. Ago ge Mazima gennyini amatuufu ku kyo. Ssinga buli kye tukola tulinda Omwoyo n'aba nga y'akitukozesa! Ky'ekyo. N'obeera nga wenna obulidde ddala mu Kristo nga talina kumala kukusindiikiriza nga bw'Asindiikiriza nze, naye nga bw'anyeenya bunyeenya katono ku mutwe Gwe bw'ati, nga weetegese dda era nga tewali kigenda kukuziyiza, kubanga okimanyi nti ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe.

<sup>42</sup> Yali yeetaaga Omulunnamya. Yali Mulunnamya akakasiddwa. Yali asobola okukulemberwa Omulunnamya ono kubanga yali akimanyi nti Omulunnamya ono alunnamizibwa Katonda. Yakimanya nti obulombolombo bwe yali aweereza, oba oli awo nga Abafalisaayo, Abasaddukaayo, n'abalala bwe batyo, yali aweereza ebikwate ebyo ebbanga lyonna naye nga

talabawo kintu kyonna kibaawo. Naye ne wajja Omusajja mu kiseera ekyo, nga agamba nti Ye ye Masiya eyali yasububizibwa mu Bayibuli. Ate n'Akyuka n'atandika okukolera ddala emirimu gyennyini egya Katonda. Yesu yagamba nti, "Bwe mba nga ssikola mirimu gya Kitange, temunzikiriza. Naye bwe muba temuyinza kunzikiriza, waakiri mukkirize emirimu gye Nkola, kubanga gye gyogera kiki kye Ndi."

<sup>43</sup> Kati awo, kiba tekyewuunyisa Nikoodemu okugamba nti, "Labbi, tukimanyi nti Oli Muyigiriza eyava eri Katonda, kubanga tewali ayinza kukola bintu Ggwe by'okola nga Katonda tali naye." Olaba, yali yeetaaga OmulunḂamyā, newankubadde nga yali mukugu mu kintu ekyo. Ye yali omukugu mu kkanisa ye. Yali wa kitiibwa, era yalina—yalina ebifo ebyettutumu, era yali muntu wa ttutumu; awatali kubuusabuusa, nga abantu bonna mu ggwanga bamussaamu ekitiibwa. Naye bwe kyatuuka ku nsonga y'okuzaalibwa ogw'okubiri, yali yeetaaga OmulunḂamyā! Nnaffe bwe tutyo, weewaawo, twali twetaaga OmulunḂamyā.

<sup>44</sup> Koluneeriyo, yali musajja mututumufu, omusajja ow'ekitiibwa. Yazimba amakanisa. Yassangamu Abayudaaya ekitiibwa kubanga yali amanyi nti enzikiriza yaabwe ntuufu. Yagabanga, era nga asaba buli lunaku, naye Omwoyo Omutukuvu bwe yajja (waliwo Ekintu ekyali kyongeddwa ku kkanisa), yali yetaaga OmulunḂamyā. Katonda n'amusindikira Omwoyo Omutukuvu. Yamumusindikira nga ayita mu muntu ayitibwa Peetero, "Kubanga Peetero bwe yali aky'ayogera Ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'amukkako." [Ebbanga ku lutambi—OmulunḂ.] Katonda yakozesa OmulunḂamyā ng'ayita mu Peetero. Yamukozesa Oyo, kubanga yalunḂamyā Koluneeriyo eri ekkubo ery'amazima. Era bwe yali aky'ayogera, Omwoyo Omutukuvu n'akka ku b'Amawanga abo. N'alyoka abuuza nti, "Omuntu ayinza okubagaana amazzi, bano obutabatizibwa?" Olaba, era nga OmulunḂamyā y'ayogera, so si Peetero. Kubanga bano baali Bayudaaya beereere... manyanga b'Amawanga, "nga si balongoofu, bacaafu" gy'ali, era yali tayagala na kugendayo. Naye OmulunḂamyā n'agamba nti, "Nze nkutumye." Okola ebintu by'otalowoozangako nti osobola okubikola, OmulunḂamyā bw'akweddiza mu bujjuvu, bw'omukkiriza akulunḂamyā. O, nga kirungi nnyo okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Ye MulunḂamyā. Kale. Yayogerera mu Peetero n'amubuulira kye yali atekwa okukola. Era bonna bwe baafuna Omwoyo Omutukuvu, n'agamba nti, "Tetusobola kugaana bano kubatizibwa mu mazzi, nga ate tulaba nti nabo bafunye Omwoyo Omutukuvu nga naffe bwe twamufuna mu ntandikwa." Awo ne bababatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Abaffe, ani yamukulembera okukola ekyo? OmulunḂamyā eyamulimu. Yesu teyabagamba nti, "Temweraliikiriranga kye munaayogera, kubanga si mmwe

mugenda okwogera; wabula Kitammwe abeera mu mmwe, Ye y'ayogera"? Amiina.

<sup>45</sup> Omulaawe, nga ava e Yerusaalemi. Era Katonda yalina Omulunganyama mu nsi mu kiseera ekyo, Omwoyo Omutukuvu, era yalinayo omusajja emmanga eyo eyali yajjuzibwa n'Omulunganyama ono. Teyali na mubuulizi, yali nga mudiikoni bw'atyo. Era yali mmanga eyo nga awonya abalwadde nga bw'agoba n'emizimu, era nga aleeseewo akavuvungano ak'amaanyi, era essanyu lingi eryajjula mu kibuga. Yalina abantu bikumi na bikumi abaali bamwetoolodde, awo Omulunganyama n'agamba nti, "Ekyo kimala, ka tudde eno kati." Teyawakanya Mulunganyama we.

<sup>46</sup> Towakanyanga Kigambo kya Mulunganyama wo. Mugoberere. Bw'otaakikole, ojja kukomekkereza nga obuze. Era, jjukira nti, bw'Omuvaako, oba oli ku lulwo, kye tuva twagala okuba ennyo ku lusegere lw'Omulunganyama.

<sup>47</sup> Kati aba ali mu lugendo, n'Agamba nti, "Bano baleke kati, Firipo, ogende eri mu ddungu awatali muntu yenna. Naye eyo gye nkutuma, wajja kubaayo omuntu we nnaakutuusizaayo." Ne wajja omulaawe nga ali bw'omu, yali musajja wa kitiibwa eri kabaka omukazi emmanga eri mu Esiyopiya. Kale yali aserengeta, nga bw'asoma Ekitabo kya Isaaya. Awo Omulunganyama n'agamba nti, "Semberera ekigaali."

Awo n'agamba nti, "By'osoma obitegeera?"

<sup>48</sup> N'agamba nti, "Nnyinza ntya okubitegeera nga tewali annungamizza?" O, bannange! Naye Firipo yalina Omulunganyama. Amiina. Era yatandikira ku Kyawandiikibwa ekyo kye kimu, n'amubuulira Kristo. Amiina. Omulunganyama! Si kumubuulira kikwate bukwate, wabula yamubuulira ebifa ku Mulunganyama, Kristo! Era n'amubatariza eyo mu mazzi awantu awamu. Ddala, bwe kyali. O, ekyo nga nkyagala nnyo!

<sup>49</sup> Isiraeri bwe yava e Misiri okugenda mu nsi ensuubize, mu Kuva 13:21, Katonda yali akimanyi nti ekkubo eryo baali tebalikwatangako. Olugendo lwali lwa mailo ana zokka, kyokka era baali beetaaga ekintu eky'okugenda nabo. Bandibuze. Kale Ye, Katonda, n'abatumira Omulunganyama. Okuva 13:21, ekifaananako nga kino nti, "Laba ntuma Malayika Wange okubakulemba, Empagi y'Omuliro, okubakuumira mu kkubo," okubalunganyama okutuuka mu nsi eno ensuubize. Era abaana ba Isiraeri ne bagoberera Omulunganyama oyo, Empagi y'Omuliro (ekiro), Ekire emisana. Bwe yayimiriranga, nga nabo bayimirira. Bwe Kyatambulanga, nga nabo batambula. Era bwe yali anaatera okubatuusa mu nsi eyo, naye nga tebannasaana kusomoka, n'Abazzaayo mu ddungu nate. Yali tasobola kugenda nabo.

<sup>50</sup> Ekkansa ekyo, ky'eri leero. Tewali kubuusabuusa wabula obwo leero bwe bugumiikiriza bwa Katonda

obutakenḂentererwa, nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, ekkansa yandibadde yagenda dda ssinga yali yaterenza n'eterezebwa mu nkola entuufu. Naye Alina okusooka okutukulemba nga bw'atwetoolooza nga bw'atwetoolooza bw'atwetoolooza.

<sup>51</sup> Isiraeri teyakimanyako nti, bwe baali baleekaana, nga balabye abajaasi b'e Misiri abafudde, embalaasi ezibbidde mu mazzi, nga amagaali g'embalaasi za Falaawo gavuunikiddwa, nga bafunye obuwanguzi bwabwe, Musa nga ali mu Mwoyo, nga ayimbira mu Mwoyo, Miriyamu nga azinira mu Mwoyo, nga abawala ba Israeri baligita bambuka bwe bakkirira ku lubalama, nga baleekaana bwe bazina, nti baali babuzaayo ennaku ntono nnyo okutuuka ku mata n'omubisi gw'enjuki. Tebaakimanyako nti kyali kikyabali mu maaso emyaka amakumi ana, kubanga baatandika okwemulugunyiza Katonda n'OmulunḂanya.

<sup>52</sup> Era naffe twesanga mu mbeera y'emu. Ḃenda Shreveport nga nvudde wano. Omwoyo Omutukuvu yakka ku Lunaku lw'Okwebaza, emyaka amakumi ataano egiyise, mu—mu Louisiana, ku Lunaku lw'Okwebaza. Nga ekkansa egudde nnyo okuva mu kiseera ekyo! Mukimanyi nti ekkansa y'e Roma Enkatuliki we yatandikira yali kkanisa ya pentekoote? Ago ge mazima. Bwe kiri. Yali kkanisa ya pentekoote, naye ab'ebitiibwa bali abaalimu okwemanya baagiyingirira ne batandika okukyusa e—Ebyawandiikibwa bya Katonda ne bateekawo obulombolombo bwabwe, ne babyongerako ebikwate, n'ebirala. Era kati tunuulira bye balina ennaku zino, temuli wadde akakwatagana n'Ebyawandiikibwa konna mu byo. Baawaanyisamu ekintu ekimu olw'ekirala, ne bateekawo akatundu k'akagaati mu kifo ky'Omwoyo Omutukuvu. Mu kifo ky'okunnyika ne bateekawo okumansira. Ne bateekawo “Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu” mu kifo kya “Mukama waffe Yesu Kristo.” Baawaanyisa ennono zino zonna enkulu eza Katonda ezatuweebwa, era bali wala, wala nnyo, wala ddala okuva ku Njigiriza y'Ebyawandiikibwa.

<sup>53</sup> Pentekoote yakka mu Louisiana, emyaka ataano egiyise, naye ssinga yeyongerera okubeerawo emyaka emirala ebikumi bibiri mu maaso, ejja kwesanga nga eyisizza n'ekereziya Katolika w'eri, bw'eneeyongerera okugwira ku misinde gy'ebadde egwamu okumala ebbanga lino ery'emyaka amakumi ataano egiyise, kubanga beeyongerera kwoononeka ekiseera kyonna, awatali kusiriikirizaamu. Ababuulizi bali ab'engeri ey'edda baggwaawo. EnkuḂana ez'oku nguudo, tokyawulirayo na lumu. Byonna bye tulina kati bye bino ebitabuddwaamu Hollywood gwe bongeramu, abakazi abasalako enviiri zaabwe abambala n'empale ennyimpi, abeetonyeetonye ne langi, na buli kimu, nga beeyita Abakristayo. Ka Ricky akakuba endongo, nga keetala kava muno kadda muli, n'abakazi

abambadde obuteeteeyi obubamiimye ennyo nga bafaanana nga...nga sosegi y'ennyama nga—nga emibiri gyonna giri ku ngulu, kyenkana, nga beetigonyola ku kituuti, badduka balinnya bwe bakkirira ku kituuti, nga bazina eby'okumatu bwe bireebeta, na gino emisono emipya egy'okusalako enviiri egya muk'omukulembeze w'eggwanga, n'ekyo ne kyeyita Obukristayo.

<sup>54</sup> Kye twetaaga leero ye nzikiriza ey'edda, eyasindikibwa Katonda, eyokya era ejja okwokya enneeeyisa y'ensi egigobe mu kkanisa. Twetaaga okuddayo eri Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro, tuddeyo ku kintu ekyokya kacica, ekikomyawo embuulira eri enkadde, ekigulumiza Eggulu waggulu ennyo, ne ggeyeena ekigifuulira ddala eyokya ennyo, nga kigolokofu ddala nga ssabbawa y'omodumu gw'emmundu. Twetaaga embuulira ey'ekika ekyo. Naye ekyo bw'okikola leero, ekibiina kyo kijja kkukubako akalulu ak'okugobera ebweeru.

<sup>55</sup> Ebiseera ebimu ababuulizi abalungi bawubisibwa ebibiina byabwe. Eyo ye nsonga lwaki ssirina kibiina kya ddiini. Nnina ekitebe ekikulu kimu, kye ky'omu Ggulu. Buli gy'Antuma, eyo gye nnaalaganga. Buli ky'Agamba, kye njogera. Tetweetaaga kibiina kya ddiini. Ekkkanisa eno bw'eritandika okwogera ku by'okufuuka eddiini, olwo omusumba wammwe muliba mumaze okumufiirwa. Nze ssiyinja kukyeriraanya, wadde eddakiika ettaano bweziti. Buli kkanisa eyali efuuse eddiini yafa n'ezikibwa, ggwe mbuulirayo emu yokka etaafa, era ombuulireyo eyali ezzeemu n'esituka. Omwoyo Omutukuvu y'asindikibwa okulunnamya ekkkanisa, so si kibiina kya bantu buntu. Omwoyo Omutukuvu ye magezi gano. Abantu bafuuka bakakanyavu, ne baba nga tebategerekeka.

<sup>56</sup> Katonda yabagamba nti yali wa kubatumira Omulunnamya, eyali ow'okubakulembera mu lugendo. Era kasita baaba nga bagoberera Empagi y'Omuliro eyo, baali bulungi. Yabakulembera okutuukira ddala ku wankaaki w'ensi ensuubize, era awo Ye we yalina okukoma. Olwo Yoswa, omulwanyi nnamige oyo, mujjukira olunaku lwe yabagamba nti, "Mwetukuze, ku lunaku olw'okusatu Katonda ajja kuggulawo Yoludaani emmanga eno era tujja kusomoka"? Kati weetegereze kye yayogera (kino nkyagala) mu Kyawandiikibwa, yagamba nti, "Mwekuumire ku lusegere emabega wa Ssanduko, kubanga lino ekkubo temulikwaatangako."

<sup>57</sup> Essanduuko yali etegeeza ki? Kigambo. Temutambulira mu makubo ga madiini gammwe kaakati, munyweerere mabega wa Kigambo, kubanga ekkubo lino temulikwaatangako. Era, muganda wange, bwe waba waali wabaddewo akaseera ekkkanisa Enkulistayo w'esaanidde okwekebera, ke kaseera kano. Tuli kati mu kiseera kino kyennyini nga olukunnaana luno olukulu lugenda mu maaso e Roma we twogerera bino, enjawukana ziri mu kukolebwako, okwegatta kw'amakanisa,



nga amadiini gano gonna geegasse wamu okukola ekifaananyi ky'ensolo, ddala nga Bayibuli bw'egamba. Era mumanyi ne bye twayogedde enkya ya leero mu Bubaka. Era tuutuno wano, buli kimu nga kituukidde ddala ku mulyango, kyokka nga abantu bakyagoberera ebikwate. Kisingako n'onwyerera emabega w'Ekigambo! Ekigambo kijja kukusomosa, kubanga Ekigambo ye Kristo, ate nga Kristo ye Katonda, ate nga Katonda ye Mwoyo Omutukuvu.

<sup>58</sup> Nywerera emabega w'Ekigambo! O, yee, ssebo! Nywerera ku MulunḂamya oyo. Yimiririra ddala emabega wa Kyo. Tokikulembere, wabula beera mabega wa Kyo. Leka kikukulembere, so si ggwe kukikulembere. Ggwe leka kikulembere.

<sup>59</sup> Yoswa n'agamba nti, “Kati nno, eno temuyitangayokko, lino ekkubo temulina kye mulimanyiiko.”

<sup>60</sup> Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero. Teweetaaga mulunḂamya yenna kukulunḂamya mu kkubo eggazi. O, omanyi obukubokubo bwonna na buli kimu ekirala. Omanyi engeri y'okukolamu ebibi. Tewali na... O, obaddewo ebbanga lino lyonna. Tekyetaagisa muntu yenna kugezaako kukikubuulirako, omanyi obukubo obutono bwonna obusalinkiriza. Ago ge mazima, buli kibi, omanyi ebikikwatako. Tewali alina kukubuulira ngeri ya kubbamu; ogimanyi. Tewali alina kukubuulira ngeri ya kuvuma; ekyo okimanyi. Tewali alina kusooka kukubuulira ngeri ya kukolamu bintu bino ebibi, kubanga biri buli wamu.

<sup>61</sup> Naye, mujjukire, mmwe Abakristaayo, nti mwasomoka dda. Muli mu Nsi ndala. Mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Muli mu Nsi, Ensi ey'omu Ggulu. Muli mu Nsi ensuubize.

<sup>62</sup> Muyinza okutunula, ekitundu kino mukitegeera bulungi. O, bannange, weewaawo. Mumanyi kiki—kiki, mumanyi engeri y'okutebukamu omuzannyo. Mumanyi akayinja ka ludo, bwe keevulungula, kye kategeeza, na buli kimu bwe kityo. Naye bwe kituuka ku kumanya obutukuvu n'obutuukirivu n'amaanyi ga Katonda, n'engeri Omwoyo Omutukuvu gy'akolamu na biki by'Akola, kyandibadde kirungi ssinga munyweerera ddala emabega w'Ekigambo, OmulunḂamya. Olaba? Ekkubo lino temulikwatangako.

<sup>63</sup> Weewaawo, oyinza okugamba nti, “Nnali musajja mugezi nnyo, nnafuna—nnafuna ddiguli bbiri mu ttendekero.” Ebyo byerabire. Yee, ssebo.

<sup>64</sup> “Nze nnatendekerwa mu ttendekero lya bya ddiini.” Ebyo byerabire. Yee. Osaanye osigale nga oyimiridde mabega wa MulunḂamya. Leka y'Aba akukulembere. Ye y'Amanyi ekkubo; ggwe tolimanyi. Eno toyitangayokko. “Weewaawo,” oyinza okugamba nti, “baali baayiseeyokko.”

65 Ka tulabe oba bwe kiri. Yesu yagamba nti, “Abo abaayitako mu kkubo lino, obubonero buno bunaabagobereranga. Erinnya Lyange, banaagobanga emizimu, banaayogerenga mu nnimi empya; bwe banaakwatanga ku misota oba okunywa ebintu ebitta, tebiibakolenga kabi. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga.” Abasinga obungi Ekyo bakigaana, bakyegaana, nga bagamba nti n’okulungamizibwa Ekyo tekyalungamizibwa. Tebagoberera Mulunganyama. Bagoberera bikwate ebyakolebwa abantu. Osaanye onywerere emabega w’Ekigambo, kubanga eno obadde toyitangayokko, kimanye.

66 Naye wazaalibwa omulundi ogw’okubiri, era wazaalibwa okuyingira mu butukuvu. Eno obadde toyitangayokko. Wa- . . . Naye bw’okwata ekkubo lino, olina kuyita mu butukuvu, kubanga eno Nsi mpya, Bulamu buggya, bantu baggya.

67 Ojja kujja mu kkanisa owulire omuntu omu asituke, awoggane nti, “Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!”

68 Awo, ogambe nti, “Bannange, kino kitalo, ebyo mu kkanisa yaffe tetwabikolanga! Leka nsituke nfulume!” Um-hum. Olaba? Weegendereze.

69 Sigala emabega w’Ekigambo, kati, leka Omulunganyama akukulembere. “Anaabalunganyanga mu Mazima gonna, era ajja kubabikkulira ebintu bino bye mbabuuliddeko. Ajja kubibalaga ebyo. Ajja kubalaga ebigenda okujja mu maaso,” oyo Omulunganyama ow’amazima. Temugenda eri mulabirizi; wabula mugende eri Omulunganyama. Temugenda eri muntu mulala yenna okuggyako Omulunganyama. Oyo y’eyatumwa okubalunganyama. Oyo yekka y’Ajja okukikola. Katonda yakuwa Omulunganyama. Twala ekkubo lya Katonda lye yakuteerawo.

70 Omutawaana oguliwo leero, guli nti abantu bwe bajja mu kkanisa baba baakatuulawo eddakiika ntono, ne wabaawo ekintu ekibaawo kye bataamanyiira.

71 Nneegombye okufaanana nga omukyala omu ava mu kkanisa ennyinyogovu era empolu, mbadde kye nje mmusabire. Katonda mukazi wattu oyo agenda kumuwonya. Bino abadde tabitegeera. Abadde talina ky’abimanyiiko n’akatono. Yayingidde, n’agamba nti tamanyi. Naye ne mmugamba nti, “Jangu buzzi ondabe.” Yabadde alabika nga atidde era alinamu ku nsonyi, naye Omulunganyama yagenze mu maaso ng’amugumya nti, “Weeyongereyo mu maaso.” Yakifunye. Ky’ekyo. Olaba, kiri bwe kityo olw’Omwoyo Omutukuvu oyo atulunganyama eri ebintu bino. Olaba, Katonda alina ekkubo lye yateekawo.

72 Wali o. . . Mbadde mweetegereza embaata ez’omu ttale nga zibuuka, embaata nga zigenda e bukiikaddyo? Kale, kati nno mujjukire nti, akabaata ako kaazaalibwa ku kidiba waggulu eri. Tekamanyi buvanjuba, bukiikakkono, bugwanjuba, yadde obukiikaddyo. Tekamanyi kintu kyonna okuggyako ekidiba kiri ekiri mu nsozi z’e Canada. Tekavangako ku kidiba

ekyo, naye kaazaalibwa kakulembeze. Akabaata ako akasajja kaazaalibwa kuba kakulembeze. Kati olwali olwo, ekiro ekimu ne waabawo omuzira omungi ogwajja ku ntikko y'ensozi. Kiki ekyaddirira? Empewo eyo ennyogoga n'ejja ng'ekunta. Nkubamu akafaananyi nga katintima, nga bwe kagamba nti, "Maama, kino kitegeeza ki?" Olaba, kaali tekawuliranga ku bunnyogovu bwenkana awo. Ne katandika okwetegereza ebikeetooloodde, kagenda okulaba awo wonna okwetooloola ekidiba, nga watandise okukwata omuzira, ng'omuzira gutandise okugwa ku kidiba. Nga kko tekamanyi, naye amangu n'embiro... Kaazaalibwa kuba kakulembeze eri ekibiina ky'embaata ekyo. Kajja kubuuka kave wakati mu kidiba ekyo amangu ddala bwe kinaakabagula. Oyinza okukiyita kyonna ky'oyagala. Ffe tukiya kuluᅇᅇamizibwa, oba oyinza okukiyita, ha, okutegeera okw'obutonde, kyonna kye kiri. Kajja kuvaayo wakati mu kidiba, kookeze ennyindo yako waggulu mu bbanga, kagende nga kakaaba nti, "Honk-honk, honk-honk!" Era buli mbaata eri ku kidiba ejja kujja gye kali. Lwaki? Zimanyi omukulembeze waazo, engeri gy'akaabamu.

<sup>73</sup> "Kubanga ekkondeere bwe livuga n'eddoboosi eritategeerekeka, ani ayinza okweetegekera okulwana?" Kituufu. Ani ayinza okweetegekera okulwana ssinga ekkondeere livuga n'eddoboosi eritategeerekeka?

<sup>74</sup> Kale nno, ssinga akabaata ako kakaaba mu ngeri etategeerekeka, ani aneeteekerateekera okubuuka? Akabaata ako kajja kusowolayo akamwa kaako, katandike okuleekaana nti, "Honk-honk, honk-honk!" Era buli kabaata akalala konna kajja kujja gye kali. "Honk-honk, honk-honk!" Buubuno. Buba bufunye okujaguza okusuffu, wakati ddala mu kidiba ekyo, nga bwewulungula nga bwewulungula nga bwewulungula. Oluvannyumako kawulire nga waliwo ekikagamba, nti kalina okuvaawo. Kajja kugolola obuwaawaatiro bwako kabuuke okuva mu kidiba ekyo, kagende mu bbanga keetoolole emirundi nga ena oba etaano, kagende buterevu e Louisiana ku misinde emiyitirivu, nga buli mbaata bw'ekavaako emabega. "Honk-honk, honk-honk," nga bwe kajja. Lwaki? Kubanga kaluᅇᅇamya ziri endala! Amiina! Embaata zimanyi omuluᅇᅇamya waazo, naye eby'embi ekkana yo temanyi waayo. Yee, kamanyi eky'okukola.

<sup>75</sup> Tunuulira embaata enkulu, eziviira ddala eri mu Alaska. Kaakati, waliwo embaata ensajja ey'ekika kino ezikulembera bulijjo, embaata zino zirina okutunuulira embaata eno ensajja n'obwegendereza. Zirina okumanya embaata eyo ensajja ky'eba etegeeza. Ekyo mwakisomako mu katabo k'amawulire akayitibwa *Look* wano emyaka nga ena egiyise, bwe waaliwo embaata ensajja enkulu ey'ekika kino olumu eyali temanyi ky'ekola? N'ekulembera zinnaayo n'ezitwala mu Bungereza eri yonna. Kye ekyo. Kyali kimanyiddwa nti tezibangako mu

Bungereza. Lwaki? Tezeetegereza mu—mukulembeze waazo. Embaata eyo ensajja enkulu yali temanyi wa gye yali eraga. Era kati ziri eyo tezikyasobola kudda.

<sup>76</sup> Ne leero kye kimu ekiri ku mbaata zino leero, zikyasinguka. Bagamba nti, akatabo k'amawulire ako akayitibwa *Look* kaagamba nti, embaata ezo zikyasinguka nga zibuuka zibungeeta mu Bungereza wonna, naye tezimanyi ngeri gye ziyinza kuddayo gye zaava. N'ezimu ku *mbaata* zino ze mmanyiiko bwe zifaanana. Musenguka, ne mukola olukunŋaana olw'ennaku ennyingi, ne mufunayo omuboolizi w'okudda obuggya n'ajja n'abuulirako okumala akaseera, naye nga temumanyi gye mulaga. Mweyongera bweyongezi kusengukira mu bibinja, kubanga mulina embaata ensajja ebakulembera okubawabiza mu katinko k'amadiini; naye nga si kukomawo eri Kigambo kya Katonda, okudda eri okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ate bwe tumala ne twewuunya lwaki tetulina kudda buggya mu nnaku zaffe. Um-hum. Olaba? Oteekwa okuwulira Eddoboozi eritegeerekeka! Eddoboozi eryo lye kkondeere ly'Enjiri nga lifulumya Enjiri, buli Kigambo kya Katonda. Si bikwate, si ddiini; wabula Bayibuli, Omwoyo Omutukuvu. "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Olaba? Era zigenda bwe zeeyongerayo bwe zityo.

<sup>77</sup> Lumu embaata ensajja enkulu, bagamba nti, yaviirako eggana lya zinnaayo okufa, bwe yali egezaako okuzikulembera okubuuka mu nzikiza, nga ate yali temanyi gy'eraga, yo yennyini, era zonna ne zitomera ensozi erudda eyo, era ezimu ku zo zaasesebbukirawo, ne zaabika. Ddala! Ziba zirina okumanya eddoboozi lyaazo eritegeerekeka. Akabaata kali akukulu, bwe kaba n'eddoboozi eritegeerekeka nga buli emu erimanyi, ziba n'okujaguza okw'okusengukira awamu era mangu ddala zibuuka ne zigenda e bukiikaddyo. Kiki ekiba kizitwala emmanga eyo? Kubanga yo tewannyogoga.

<sup>78</sup> Kati, bwe kiba nti Katonda yawa embaata amagezi agamala okumanya engeri y'okwewalamu obunnyogovu, asaanidde kyenkana wa okugawa ekkana? Oba embaata esobola okukola ekyo olw'okutegeera okw'obutonde, ate kinaaba kitya ku bw'Omwoyo Omutukuvu mu kkanisa? Asaanidde okutukulembera okuva mu byagunjibwa obugunjibwa eby'edda n'ebikwate n'ebirala, okutuyingiza mu kubatizibwa okw'ekitiibwa, okw'Omwoyo Omutukuvu. Aleeta embala y'obulungi, okumanya, okugumiikiriza, okutya Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu. Bw'atyo Omulunŋamyanya ow'amazima bw'ajja okukulembera, kubanga tajja kufulumya kintu kirala kyonna okuggyako Enjiri, Ekigambo kya Katonda kyokka. Ddala, weetaaga Omulunŋamyanya!

<sup>79</sup> Bali, abasajja abagezigezi, baali tebalina kye bamanyi ku Katonda. Baali—baali bakola bya bufumu, nga bafumu. Baali b'eyo mu buvanjuba. Omanyi, Bayibuli egamba nti,

“Twalaba Emmunyeenye Ye e Buvanjuba, ne tujja okumusinja.” Baali bava bugwanjuba, ne batunula e buvanjuba ne balaba Emmunyeenye Ye . . . manyanga baatunula bugwanjuba, baali Buvanjuba. “Twali Buvanjuba, ne tulaba Emmunyeenye Ye e bugwanjuba.” Olaba? “Twalaba Emmunyeenye Ye e Buvanjuba.” Kati, laba, baali Buvanjuba. “Bwe twali e Buvanjuba twalaba Emmunyeenye, era tuzze okumusinja.”

<sup>80</sup> Nkubamu akafaananyi nga ndaba abasajja abo beetegeka okugenda. Era nkubamu akafaananyi nga omu ku bakyala babwe agamba bba, nti, “Owange, ebintu byonna omaze okubipakira, naye kampasi yo eri wa?”

N’amuddamu nti, “Si—ssigenda kukozeza kampasi ku mulundi guno.”

<sup>81</sup> N’amugamba nti, “Kati onooyita otya mu nsozi?” Mujjukire nti, baali balina okusomoka Omugga Tigris olwo ate bayitire mu nsenyi, ne . . . ye nsonga lwaki, olugendo lwabatwalira emyaka ebiri nga batambulira ku ŋŋamira. Baali bagenda kukikola batya? N’agamba nti, “Kati, ky’ogamba togenda na kutwala kampasi.”

N’agamba nti, “Nedda.”

“Kati onootambula otya?”

<sup>82</sup> “Nja kugenda mu ngeri ya Katonda gy’agabiridde. Emmunyeenye eyo gy’olengera y’ejja okunkulemba okuntuusa ku Kabaka oyo.” Ky’ekyo.

<sup>83</sup> “Twalaba Emmunyeenye Ye e Buvanjuba, ne tugigoberera okutuuka wano mu bugwanjuba, okumusinja. Ali ludda wa?” Baagoberera ekkubo Katonda lye yabateerawo. Baakerewamukko olw’ebikwate bye baasanga emmanga eyo. Bwe baatuuka e Yerusaalemi ne batandika okwambuka nga bwe bakkirira mu nguudo, abasajja bano abambadde obulungi ddala, nga bwe bagamba nti, “Ali ludda wa? Ali ludda wa oyo azaaliddwa Kabaka w’Abayudaaya?” Weewaawo, ekyo kye kyali ekitebe ekikulu, eyo yali Yerusaalemi. Ddala ekanisa enkulu eteekwa okuba nga erina ky’ekimanyiiko. “Ali ludda wa? Ali ludda wa Oyo azaaliddwa nga ye Kabaka w’Abayudaaya? Twalaba Emmunyeenye Ye e Buvanjuba, era tuzze okumusinja. Ali ludda wa?”

<sup>84</sup> Awo, ne bagendako ewa musumba *Gundi* ne kabona omukulu *Gundi*, naye nga tewali n’omu ku bo alina ky’akimanyiiko. “Naye, waliwo Omu azaaliddwa nga ye Kabaka w’Abayudaaya, ali ludda wa?” Nga tebamanyi.

<sup>85</sup> Naye waaliwo akabinja k’abasumba b’endiga erudda eyo ku kasozi abaali eyo nga banyumirwa, yee, ssebo, kubanga baali bajjidde mu kkubo Katonda lye yassaawo.

<sup>86</sup> Kati bali baasigala eri, amangu ago omu n’agamba nti, “Ka mbabuulire kye tulina okukola, tusaanye okutuusa olukiiko

olufuzi.” Bwe batyo ne bayita Akakiiko Akafuzi ak’oku ntikko, nga—nga balwooza nti oba oli awo balina kye baakiwuliddeko. “Nedda, tewali na kimu kye tukimanyiiko.”

<sup>87</sup> Bwe kityo bwe kiri ne leero. Tebalina kye bamanyi ku Mulunjamya ono, Omwoyo Omutukuvu ono awonya, ajjuza, alokola, akomawo nate. Omulunjamya eyatubuulira ebintu bino byonna ebyaliwo, tuutuno mu makkati gaabyo wennyini. Oyo ayawula ebirowoozo by’omu mutima; Ekyo tebalina kye bakimanyiiko, bakiyita kusoma birowoozo bya muntu oba ekintu ekirala kyonna. Tebamanyi kya kukyogerako.

<sup>88</sup> Kale nno, olaba nti, abasajja abo abagezigezi, kasita ba . . . Jjukira nti, bwe baayingira mu Yerusaalemi, Emmunyeenye n’ebula. Era kasita onaanoonya ebikwate n’omusajja munnaddiini okukukulemba okukutuusa eri Katonda, obuyambi bwa Katonda bujja kukuvaako. Naye bwe kyabatama ne bakikoowa, ne babavaamu, ne baleka ebikwate n’amadiini g’Abayudaaya abo, ne bafuluma Yerusaalemi, awo Emmunyeenye n’eddamu n’erabika nate era ne baba n’essanyu lya nsusso. Ne baddamu okulaba Omulunjamya nate! O, kiwulikika kitya, okubaako mu kkanisa ennyinyogovu ey’emikolo obukolo, ate oluvannyuma n’okomawo mu eyo ennungi eri ku muliro, n’olaba Omulunjamya nga akulemba, enjawulo nga eba nnene! Yee, “Twalaba Emmunyeenye Ye e Buvanjoba era tuzze okumusinz.”

<sup>89</sup> Yoswa yabagamba nti, “Kati mmwe mugoberere Essanduuko, kubanga ekkubo lino temuliyitangamukko.” Katonda tajja kukkiriza Ssanduko eyo kugenda walala wonna okuggyako awo awatuufu. Buli omu yagigoberera, era n’Esomokera ddala Yoludaani.

<sup>90</sup> Ne leero bwe kiri, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Yee, ssebo. Ekintu kyokka kwe tumanyira, oba nga Mwoyo Mutukuvu oba nedda, tulaba okula- . . . okulabisibwa kwakyo, okulabisibwa nga kukakasa Ekigambo kya Katonda.

<sup>91</sup> Kati nno, bbanga si ddene nnyo eriyise, waliwo ekibinja ky’ab’oluganda abaalina omusaayi n’amafuta, era ekyo si kibi bwe baba nga baagala kukikola bwe batyo. Nze . . . Ekyo si kye kikakasa nze nga bwe ndaba. Okukakasibwa n’Ebyawandiikibwa kye kikulu, olaba, kasita kiba nga kikakasa ekyo Katonda kye yayogera, ekyo tekirina mutawaana. Baali bagamba nti, “Kino kye kiraga nti wafuna Omwoyo Omutukuvu, bw’oba nga okulukuta amafuta mu bibatu byo.” Kati, nze—nze ekyo ssisobola kukikiriza. Olaba? Nedda, ssikiriza nti amafuta gakirinako akakwaate. Era bwe kiba nti omusaayi ogwo gwe gugenda okuwonya n’okulokola, olwo Omusaayi gwa Yesu Kristo guba gwaaba ki? Bwe kiba nti amafuta ago gawonya, olwo ate emiggo Gye? Olaba? Olaba?

<sup>92</sup> Njagala nnyo okujja kw’OmulunḂamya, oyo akuleeta eri Amazima g’Ekigambo, kubanga awo omanya nti kati oteebedde ddala watuufu era nga oli mwetegefu okutandika okubala akaddanyuma. Ky’ekyo, nga weetegeka okubuuka ogende. Yee, ssebo. Weewaawo, ku lwaki? Kubanga OmulunḂamya y’Akireetera okuba ekya nnamaddala.

<sup>93</sup> Nnina Ekyawandiikibwa wano, Ebyawandikiibwa bino nnabadde mbibawadde, naye kino njagala nkisome. Kiri mu Peetero Eky’okubiri, essuula 1, olunyiriri olwa 21.

*Kubanga...siwali kigambo kya bannabbi ekwali  
kireeteddwa mu kwagala kw’abantu: naye abantu  
baayogeranga ebyava eri Katonda nga bakwatiddwa  
Omwoyo Omutukuvu.*

<sup>94</sup> Obunnabbi bwajjanga butya? Si nga abantu bwe baayagalanga, ebikwate by’amadiini; naye kwajjanga nga Katonda bw’ayagala, abasajja abatukuvu bwe baalunḂamizibwanga n’Omwoyo Omutukuvu. Bulijjo y’Abaddenga OmulunḂamya wa Katonda. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu eyali mu Mpagi y’Omuliro eri, oyo yali Mwoyo Mutukuvu, buli muntu akimanyi nti oyo yali Kristo. Musa yaleka Misiri, ng’atwala ekivume kya Kristo okuba obugagga obw’amaanyi okusinga obwo obwali e Misiri. Kristo ye yali Ye. Kale, bwe baayimirira eri nga bagamba nti, “Kale, Ogambye nti Ye ggwe...Naye, tonnaba na kusussa myaka makumi ataano egy’obukulu, naye ogamba nti wali olabye Ibulayimu?”

<sup>95</sup> N’agamba nti, “Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI.” NDI ye yasisinkana Musa mu Mpagi y’Omuliro mu lusaka olwali lwaaka. Yee, ssebo. Yali Katonda ayambadde omubiri. Ssi muperesona wa kusatu; wabula Omuntu y’omu nga ali mu wofiisi ey’enjawulo. Si bakatonda basatu; wabula wofiisi ssatu eza Katonda omu. Ddala ddala.

<sup>96</sup> Kale, kaakati, Ekyawandiikibwa. Lubeerera, Katonda bw’agabirira, agabirira ekyo ekisingirayo ddala obulungi. Katonda bwe yateekawo ekkubo ery’okunyweeza obukuumi bw’ekkanisa Ye, yateekawo ekisingirayo ddala obulungi. Bwe yawa Adamu ne Kaawa, mu lusuku Adeni, kye yabawa kyali Kigambo Kye. “Munyweerere emabega w’Ekigambo kino, era temuutuukibwengako kabi konna. Naye ssinga munaafulumu ebweru waakyo, olunaku lwe muligulyako lwe mulifa.” Katonda takyusanga nkola Ye. Ne Ssetaani takyusanga ku yiye; engeri gye yayingiriramu Adamu ne Kaawa, era bw’atyo bw’abayingirira ne leero. Lwaki? Nga agezaako Okukiwakanya. “Kati, kyeraga kyokka nti Katonda tasobola kukikola. O, Katonda yagamba,” Ssetaani nga y’agamba, “naye Katonda omutukuvu tasobola kukola kino.” Ddala Ajja kukikola, kubanga yagamba nti Alikikola!

<sup>97</sup> Era ekyo abantu kye boogera ennaku zino nti, “Ha, kati sooka olinde! Tonjamba nti okkiriza nti, ssinga njenda mu kkanisa ne nsasula ekimu eky’ekkumi kyange, ne nkola *kino*, na *kiri*, Katonda alinsuulayo wansi eyo?” Okuggyako nga omuntu azaaliddwa ogw’okubiri, talisobola wadde okutegeera Obwakabaka bwa Katonda! Olaba? Tewali bya kwekwasa! “Bambi, musajja wattu oyo nnamukadde, mukazi wattu oyo nnamukadde, munda mu ye mulimu emmeeme ennungi.” Engeri yokka gy’alirabamu Katonda, alina kuzaalibwa gwa kubiri. Ky’ekyo kyokka. Ssifaayo oba wa wansi atya, oba mukulu kwenkana wa, oba muto kwenkana wa, biki bye yali akoze, agenda kyenkana wa mu kkanisa, amanyi eddiini mmeka, oba ebikwate bimeka by’ayinza okuddinjana okwatula. Oteekwa okuzaalibwa ogw’okubiri oba ssi ekyo ne ku musingi toliiko, okusooka kwa byonna. Ky’ekyo kyennyini.

<sup>98</sup> N’olwekyo, okiraba nti, weetaaga Omulunjamy. Ajja kukulunjamy eri Amazima, ate nga Amazima kye Kigambo. Ajja kukulunjamy. Era bulijjo bwe kityo bwe kibadde. Katonda tekimwetaagisa kukyusa kintu kyonna, kubanga taliiko kkomero era amanyi ekyo ekisingayo obulungi. Abeera buli wamu, Amanyi buli kimu, Ye—Ye byonna. Kituufu, Katonda ekyo ky’ali, n’olwekyo tekimwetaagisa kubaako na ky’akyusa. Weewaawo.

<sup>99</sup> Ye Mukakasa w’engeri Ye gy’akukulemberamu. Omwoyo Omutukuvu, Omulunjamy, ye Mukakasa w’Ekigambo ekyo ky’Ayigiriza. Kati, Lukka yalunjamizibwa Omulunjamy, okugamba nti, “Mugende mu nsi zonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Akkiriza n’abatizibwa alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga. Era obubonero buno bunaagoberanga abo abakkiriza; mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, boogere ennimi empya, banaakwaatanga ku misota, banaanywanga ebintu ebitta, banaateekanga emikono ku balwadde nabo banaawonanga.” Era Bayibuli egamba nti, “Ne bagendanga buli wamu,” nga bakulemberwa Omulunjamy, omanyi, “ne baabuuliranga Ekigambo, nga obubonero bugoberera.” Kyali kiki ekyo? Omulunjamy nga akakasa nti Ago ge Mazima!

<sup>100</sup> Eyo ye yali enkola ya Katonda. Bw’etyo bwe yateekebwawo. Eyo ye ntegeka Ye; tasobola kukyusa kugivaako, kubanga Ye tewali kimulema. Amiina. Tasobola kukyuka kugivaako; Ye Katonda. Nze nsobola okukyuka; ndi muntu. Nawe osobola okukyuka; oli musajja oba mukazi. Naye Katonda tasobola kukyuka. Nze nnemwa; nsobola okukola ensobi ne njogera ebikyamu, ffenna ekyo tusobola okukikola. Naye ekyo Katonda tasobola kukikola, ate n’asigala nga ye Katonda. Okusalawo kwe okusooka kuba kutuukiridde. Engeri Katonda gy’akolamu mu kiseera ekimu, era bw’Atyo bw’aba alina okukola buli mulundi. Bw’Ayitibwa okujja okulokola omwonoonyi, abaako ekintu



kw'asinsiira okumulokola. Omulundi omulala omwonoonyi lw'ajja, Alina kweyisa kye kimu, oba si ekyo aba yakola nsobi omulundi ogwasooka. Amiina. Mmwagala. Mmanyi nti ge Mazima.

<sup>101</sup> Nnina emyaka ataano-mu-esatu egy'obukulu, mbadde mbuulira Enjiri wano okumala emyaka asatu-mu-esatu n'ekitundu, ssikirabangako nga kiremwa. Nkirabye nga kigezesebwa emirundi musanvu okwetooloola ensi yonna, mu madiini aga buli kika ne mu buli kimu, mu maaso g'abantu nga kitundu kya kakadde omulundi gumu, era tekiremwangako. Bino ssiboyegera nga mbijja mu katabo akamu, wabula njogera ku bintu bye mpiseemu, bye mmanyi nti Katonda ayimirira emabega w'Ekigambo kye era akituukiriza. Kale nno, bw'oba nga ky'olina kiri nga kikwate bukwate, kyandibadde kirungi n'okyegendereza. Wabula Omwoyo Omutukuvu ajja kunyweza Kigambo kya Katonda.

<sup>102</sup> Mu njiri ya Yokaana Omutukuvu, essuula 1 n'olunyiriri 1, yagamba nti Ye Kigambo, Ye MulunḂamyā: “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera gye tuli.” Bannange!

<sup>103</sup> Peetero yalunḂamizibwa okwogera, ku Bikolwa 2:38, engeri y'okufunamu Omwoyo Omutukuvu, n'agamba nti, “Mwenenye, buli muntu mu mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, era awo OmulunḂamyā ajja kubongerayo mu maaso okuva awo.” Yee, ekyo ky'eky'okukola. Ekisooka, weenenye ebibi byo, obutakkiriza bwo, nti ebintu bino obadde tobikkiriza. Weenenye, oluvannyuma obatizibwe, kati olwo OmulunḂamyā ajja kutandikira awo akwongerayo mu maaso. Olaba, ogwo gwe mulimu gwo. Mulimu gwo okweenenya. Mulimu gwo okubatizibwa. Kati awo guba mulimu gwa MulunḂamyā okukwongerayo mu maaso okuva awo, akukulembere okuva mu mbala y'obulungi okutuuka ku kumanya, okutuuka ku kwefuga, ku bugumiikiriza, ku kutya Katonda, ne ku kwagala kw'ab'oluganda, era Omwoyo Omutukuvu akusibeko envumbo. Olaba? Kati awo obeera kigera kya Katonda ekijjuvu, omusajja wa Katonda owa nnamaddala, omukazi wa Katonda owa nnamaddala, anywezeddwa mu Kristo. Nkyagala ekyo, ekyo eky'okunywezebwa mu Kristo.

<sup>104</sup> Yee, Makko yalunḂamizibwa Omwoyo Omutukuvu, okuwandiika Makko 16, awatali kubuusabuusa.

<sup>105</sup> Yokaana yalunḂamizibwa bwe yawandiika Okubikkulirwa. YalunḂamizibwa OmulunḂamyā. Ate era yalunḂamizibwa OmulunḂamyā okwogera nti, “Oyo yenna aliggyamu Ekigambo kimu mu Kyo, oba n'ayongerako ekigambo kimu ku Kyo, oyo omugabo, gwe guliggyibwamu, mu Kitabo ky'Obulamu.”

106 Kaakati, onowaanyisa otya Ekigambo kya Katonda n’oteekawo ekintu ekirala, ate n’osigala nga okyagamba nti okulemberwa Omwoyo Omutukuvu? Kiba tekikola makulu, si bwe kiri? Nedda, ssebo. Tekikola makulu.

107 Y’abadde Omulunnanyama wange mu bulamu bwange bwonna. Annunnamizza eri Obulamu. Ye yankulembera okuntuusa ku Bulamu, era Ye bwe Bulamu bwange. Ye w’Atali ssirina Bulamu. Ye w’Atali tewali kirala kye njagala. Ye ye Byonna-mu-Byonna gyendi. Mu budde bwange obw’emitawaana, Ye ayimirira nange. Olunaku lwa jjo yampa omukisa, ne leero akoze kye kimu. Nsuubire ki? Ekyo kye kimu emirembe gyonna, Erinnya Lye litenderezebwe! Amiina. Yee, ssebo. Yakisuubiza. Ajja kukikola. Ye bwe Bulamu bwange, Ye ye Mulunnanyama wange, Byonna-mu-Byonna. Nnamwesiga. Mbaddeko n’okugezesebwa okw’amaanyi. Mmwesiga buli gye nenda. Njagala naawe okikole. Bw’ogenda okwooza, mmwe abakyala, mwesige. Bw’ogendako mu kibuga, mwesige.

108 Lumu nnatuuka ekiseera we nnalowooleza nti ndi munnansiko nnyo, nga bw’omanyi, nnayigganga nnyo. Muli ne ndowooza nti, “Ssisobola kukola nsobi yonna, tewali agenda ku...Tosobola kumbuza. Mmange yalimu omusaayi gw’Abayindi abamerika, era nga ekyo nkyenyumirizaamu nnyo. Ha, bannange! Nga tosobola kumbuliza mu kibira, nga mba manyi we mba ndi.”

109 Kale mu kuwummula oluvannyuma lw’embaga yange, nnanyigirizaamukko mukyala wange, ne mmugamba nti, “Omanyi, kabiite, kyandibadde kirungi ssinga tufumbiriganwa nga abiri-mu-ssatu Okitobba.” Kubanga, bw’atyo Mukama bwe yali annambye okukola.

110 Era nnalowoosaamu nti, “Kati, olw’akaseera kaffe ak’okuwummulamu oluvannyuma lw’embaga, nneeterekerawo ku nsimbi, era nja kumutwaala tulambule Ebiyiriro by’e Niagara, era tugendeko n’e Adirondack njiggeko katonu.” Olaba? N’olwekyo nnamutwala ye ne Billy, kaali kakyali kato nnyo. Bwe ntyo nnali nnina okumutwala mu kuwummula kw’abaakafumbiriganwa, era lwali lugendo olwalimu n’okuyigga, era, nga bw’omanyi. Kale—kale nnalowoosa nti kyali kijja kuba kirungi okukikola. Era nnamutwala engulu eyo, era e . . .

111 Nnawandiikira Mw. Denton, alabirira ebibira. Era twali ba kugenda waggulu ku Lusozi Hurricane. Ne namba nti, “Mw. Denton, nzija eyo, njagala kuyigga ku malubu naawe mu kiseera ekiri wakati w’emyeezi ena egisembayo mu mwaka.”

112 Era n’agamba nti, “Kale, Billy, jangu.” Era n’agamba nti, “Nja kubeerayo ku nnaku z’omwezi *bwe-ziti*.” Weewaawo, nze ne mukyala wange twatuukayo nga ekyabula olunaku lumu, wamu

ne Billy, kale akayumba akasulwamu ak'embaawo kaali kasibe. Waaliyo akayumba akaaserekebwa kyuuyi kimu eyo mu kibira.

<sup>113</sup> Eyo, nze n'Ow'oluganda Fred Sothmann gye twagenda ebbanga si ddene nnyo eriyise ne tuyimirira awo. Omwoyo Omutukuvu, ne mmulaba nga Ayimiridde awo, nga Ekitangaala ekyo ekya kyenvu kyetooloolera mu kisaka, nga ne Fred ayimiridde awo wennyini. N'agamba nti, "Jangu emabbali wano, Njagala kwogera naawe. Enkya," n'agamba nti, "weegendereze, bakuteze omutege." N'agamba nti, "Beera bulindaala!" Ekyo kituufu, Ow'oluganda Fred? Era nagenda ne ŋŋamba ebikumi n'ebikumi by'abantu akawungeezi ako, eri mu Vermont, ne ŋŋamba nti, "Waliwo omutege ogwategeddwa; nja kugulaba. Ssimanyi wa we guli." Era ekiro kyennyini ekyaddirira, ne gweyoleka, nga gwe guugwo. N'agamba nti, "Guno gwe mutego ogwategeddwa." Yee, ssebo. Naye Omwoyo Omutukuvu n'ankulembera mu ky'okukola. Era, ha, bannange, nga ky'ekyo kyennyini! O, bangi ku mmwe mumanyi kiki kye kyali. Ssirina biseera bikyogerako.

<sup>114</sup> Naye mba nnyimiridde mu kifo ekyo mu kiseera ekyo, obudde ne butandika okunnyogoga kw'olwo. Mw. Denton yali wa kutuuka nkeera, ne ŋŋamba nti, "Omanyi, kabiite, kyandibadde kirungi ssinga nfunayo e—engabi ennene enneme ey'okutwala eka." Ne ŋŋamba nti, "Twa... Nnalina okutereka obusente buno, ate tututuno twakafumbiriganwa." Ne ŋŋamba nti, "Tusobola okufuna ennyama enaatuyisa mu kiseera kino eky'obutiti ssinga ŋŋenda ne njiggako katonotono."

<sup>115</sup> N'agamba nti, "Kale, genda mu maaso, Billy." N'agamba nti, "Naye jjukira nti, nze ssibeerangako mu bibira bino," bw'aty'o bwe yagamba. Yali mu mayiro nga abiri—mu-ttaano waggulu eyo mu nsozi, omanyi, kale n'agamba nti, "Bino ssirina kye mbimanyiiko." Era n'agamba nti, "Kale nja ku..."

<sup>116</sup> Ne ŋŋamba nti, "Kale, kaakati, jjukira nti, giri emyaka ebiri bukya nzita amalubu gali asatu. Ekyo kyali waggulu eri ddala ku lusozi." Ne ŋŋamba nti, "Kati, nja kufunayo engabi enneme ennene emu tufuneyo ne ku malubu," era ne ŋŋamba nti, "tujja kuba tufunye ennyama etumala okulyako mu kiseera eky'obutiti." Weewaawo, ekyo kyali kiwulikika bulungi nnyo, omanyi. (Era twanoga enkenene enzirugavu, ne tufuna amanda gaffe aganaatuyisa mu—mu kiseera ekyo eky'obutiti; era Billy ye yazitundanga, Meda nange ffe twazinoganga akawungeezi nga nvudde mu luwalo lwange olw'okulawuna.) Kale awo ne—ne ŋŋamba nti, "Kale, ŋŋenda kukwaata emmundu yange, nzikirire wansi eno." Ne ŋŋamba nti, "Erudda eno waliyo engabi nnyingi, nja kubaako ne gye nfunayo." Era ne ŋŋamba nti, "Okimanyi," ne ŋŋamba nti, "nja kugifuna." Era ne ŋŋamba nti, "Tujja... Nja kukomawo mu kaseera katonu."

N'addamu nti, "Kale."

<sup>117</sup> Kale nno, we nnasimbulira, obudde bwali bwa kikome. Era mmwe ab'e New Hampshire, ne waggulu eri mu New England, mumanyi kiki kye kitegeeza olufu olwo bwe lukka wansi, oba awalala wonna mu nsozi, oba tomanyi wa w'oli. Ky'ekyo kyokka. N'omukono gwo mu maaso go oba tosobola kugulaba. Kale bwe ntyo ne ntandika okukkirira nga mpitira mu—mu mwagaanya, nga, nzikirira, ne nzivuunuka akatunnumba ate ne ntuuka waggulu. Ne ndaba ensolo eyitibwa panther, nga bwe mugiyita erudda eno. Ffe Ebugwanjuba, tugiyita, cougar. Engulu eri, bagiyita, mpologoma ya mu nsozi. Ye nsolo ye emu. Ye puma, ddala ekyo ky'eri. Egwa mu kika kya kkapa, nga erina obuwanvu bwa ffuuti nga mwenda, obuzito bwayo buwera nga kkiro nsanvu mu ttaano, oba kikumi. N'esala oluguudo, ne ngezaako okusikayo emmundu mu bwangu ddala, naye ne ssiba mwangu kimala kusobola kugikuba ssasi.

<sup>118</sup> Kale, ne nnyanguwa okwambuka waggulu ku kasozi, nga ngoba ensolo eno eyitibwa cougar, nga nneetegerereza ebikoola we yali eyingidde, omanyi. Nga n'okugiwulira ngiwulira. Yalina ebigere bina. Ne ntegeera nti ssi nsolo ya bigere bibiri, naye ya bigere bina. Era ne nkitegeera nti ssi ngabi, kubanga engabi etambula eggumiza ebigere ku ttaka. Era yali yemulula mangu, nga bw'eri nti eri mu kika kya kkapa, nga bwe mumanyi, mu ngeri eyo. Ate eddubu lyo litambula lifunya ebigere byalyo. Kale nnakitegeera nti eno eteekwa kuba nsolo eyitibwa cougar. Era yali mabega wa ndoddo ya muti kale ne ssisobola kugiraba, okutuusa lwe nnagirengerako katono nnyo, ate awo n'ebula.

<sup>119</sup> Ne ntunuulira nkaliriza we yali enyeenyezza ebikoola, omanyi, waggulu ddala ku ntikko y'olusozi, okudda wansi bw'oti, era ebbanga eryo lyonna ssaalaba kire ekyo ekyali kikka, nga bwe mumanyi, olufu bwe luba lukka. Ne nzikirira wansi, ne mpita mu kiwonvu ekinene ennyo ne nnyingira munda eyo mu bibira ebiyitibwa Giants, nga ngoberera ensolo eno eyitibwa cougar. Muli munda ne ndowooza nti, "Lunaaba olwo ne ngikwata." Nga nenda ne ndaba awantu, ne nziruka ne nenda nnyimirira awagulumivu, ne mmagamaga bwe ntyo, ne nningiriza awo wonna, ndabe oba nsobola okugiraba; ne mpuliriza nnyo n'obwegendereza, bwe mmala ne nzika, ne nserengeta nate. Nga osobola n'okuwulira enswagirowo mu nsiko, eri mu maaso gange ddala, nga yeeyongerayo. Olaba, yali egenda etomera emiti mu kiseera ekyo nneme kulondoola kisinde kyayo. Olaba, yali ngezi, yayambuka mu miti waggulu n'etandika okubuuka nga eva ku muti edda ku mulala. Olwo n'emanya nti ssikyasobola kugigoberera eyo. Awo ne ndowooza muli nti, "Ha, lunaaba olwo!"

<sup>120</sup> Ne nkyuka okuddayo mu lukonko, ne mpunyirwa olusu lw'eddubu, eddubu eddume ekkulu. Ne ndowooza muli nti, "Nja kulikwata kati, mwattu, ekyo kirungi!" Ne mpunyiriza nate, ne nneeyongerako katono mu maaso, ne ntunula ndabe oba waliwo

obubonero obw'engeri yonna. Nga ssirina kye ndaba; ne nzirayo wansi, ne nzirayo ku ludda luli olulala olw'olusozi. Awo kwe kutandika okulaba nti, olufu lutandise okukwata. Olwagiranga ne nziramu ne mpunziriza nate, nga mpulira erina w'eri. Ne ŋŋamba nti, "Nedda. Kati, ekibaddewo, empewo ebadde eva luuyi *luno*, nga ate nze nzija. . . Olusu lw'eddubu lubadde luva mmanga *eri*, ate kati nsaze ne nneetooloola era kati empewo eva ludda luno olulala. Kati nnina okuddayo wali we nnawunzirizza eddubu omulundi ogwasoose, ntandikire awo."

<sup>121</sup> Kati mba nzirayo, ne ntunula ku ludda luli olw'olukonko, ne ndaba nga ensiko yenyeenya. Era bwe nnakola bwe ntyo, ekintu ekiddugavu ne kyenyeenya. Ne ndowooza muli nti, "Yiiri wali." Ne nteeka mangu essasi mu mmundu, mu bwangu obw'ekitalo, ne nnyimirira butengerera. Era, bwe yenyeenya, yali ngabi nnume eyakula n'ewola, nga nnene nnyo. Muli ne ndowooza nti, "Ky'ekyo kyennyini obwedda kye njagala, ndaba." Engabi ne ngikuba essasi.

<sup>122</sup> Ne ndowoozaamu nti, "Kale!" Ssaakyetegereza nti. . . We nnamalira okugibaaga, nga kirabika. . . Ne nneerongoosa engalo ne nnyonja n'akaso kange, ne nkazzaamu. Ne ndowooza muli nti, "Katonda atenderezebwe! Weebale, Mukama Yesu, Ompadde ennyama yange ey'okumpisa mu kiseera ky'obutiti. Ettendo libe eri Katonda!" Awo ne nkawata emmundu yange. Ne ndowooza nti, "Ka nzireyo waggulu mu lukonko kaakati." Ne ŋŋamba nti, "Labayo, mwattu, omuyaga gujja. Ka nve wano nzireyo eri Meda gye bali." Ne ŋŋamba nti, "Nteekwa okwanguwa."

<sup>123</sup> Ne nnyambuka olukonko, ne nsumulula amapeesa g'ekkooti yange ennene emmyuufu, era nnali nziruka nga njolekedde olukonko bwe *nti*, okwetooloola. Ekyasookera ddala omanyi, ne ndowoozaamu nti, "Bannange, nnakyamidde wa?" Embuyaga yali emaze okukka, emiti nga gyewuuba gikoonagana. Ne ndowoozamu nti, "Oba nnakyamidde wa?" Ne nnetooloola. Nze—nze nga mmanyi nti nninnyalinnya butereevu nga njolekedde Olusozi Hurricane. Naye ne nnyimirira, nga nzenna ntuuyana, ne ndowooza nti, "Naye kiki ekigenda mu maaso wano? Okuva lwe nnasimbudde kati kumpi ddakiika asatu, oba ana mu ttaano, naye era ssiraba we nnakyamidde." Ne ntunula waggulu, nga engabi yange eri awo erengejja. Nga ndi mu kifo kyennyini we nnabadde. Ne ndowooza nti, "Abaffe, nnakoze ki?"

<sup>124</sup> Kale, ne nsimbula buto nate. Muli ne ndowooza nti, "Ku mulundi guno nja kusobola, kiri kibadde lwa kuba sseetegerezza." Ne nneetegereza buli wamu wanna ndabe oba waliwo akenyeenya konna, nga bwe nneekaliriza. Ne nnyongerera ne nnoonya, ne nnoonya, ne nnoonya. Nga n'ebire bwe bijja, ne mmanyi nti omuyaga gw'omuzira gujja, nga olufu lusse wansi, kati awo ne ntandika okwetegereza. Muli ne ndowooza nti, "Ka nneeyongerayo katonu, katonu, katonu," ne nneeyongerayo katonu, katonu, katonu,

katono, katono, katono, katono, katono. Era muli ne ndowooza nti, “Naye kati, kino kyewuunyisa, kindabikira nga eyalabye ku kifo kino.” Njenda okutunula, nga engabi yange eri awo erengejja. Olaba?

<sup>125</sup> Mumanyi kye nnaliko? Abayindi abamerika kye bayita “okukwaata ery'emagombe.” Olaba, oba otambula nga weetooloola, nga w'ova w'odda. Kale, nnalowoozanga nti ndi mulagirizi mulungi nnyo atasobola kubula. Olaba, nga ssetaaga kintu kyonna kundagirira mu kibira, nga mmanyi bulungi ekitundu. Olaba?

<sup>126</sup> Ne nsimbula buto nate. Ne njamba nti, “Ssisobola kukola nsobi eno.” Ne nkomawo era nate.

<sup>127</sup> Ne nnyambukako waggulu mu lukonko akabanga katono, awo embuyaga yali etandise okukunta. Ha, bannange, nga omuzira guli buli wamu! Nga enzikiza enaatera okukwata. Era nga mmanyi nti Meda yali wa kufiira na ttale ekiro ekyo, kubanga yali tamanyi ngeri ya kwekuumamu. Ate nga Billy wa myaka nga ena gyokka egy'obukulu, myaka esatu egy'obukulu, nga bambi akyali muto. Kale muli ne ndowoozaamu nti, “Banaakola batya?” Kale, ne mbaako we ntuuka ne ngwa ku ntuumu y'enkonge, muli ne ndowooza nti, “Ntuuse awaseetevu, kyokka siraba kintu kyonna, lufu lwereere.” Nnali njenda nneetooloola bwetooloozi kati.

<sup>128</sup> Mu mbeera eya bulijjo, nnandifunye awantu ne ntuula awo, ssinga nnali nnina gwe ndi naye. Nnandirize okutuuka omuyaga lwe gwandimaze okuyita, oluvannyuma lw'olunaku nga lumu oba bbiri, ne ndyoka nvaayo. Nnandisaze ku kitundu ky'engabi yange. . .ne nkikuba ku mabega, ne nnyingira, ne ndya, ebyo ne mbyerabira. Naye ekyo tosobola kukikola, nga mukyala wo n'omwana bali eyo mu kibira, basaanawo. Olaba?

<sup>129</sup> N'olw'ekyo nnatandika okulowooza nti, “Nyinza kukola ki?” Bwentyo ne nneyongerayo katono mu maaso. Ne ndowooza nti, “Kaakati, lindako. Bwe nnasaze ekiwonvu kiri ekyasoose, empewo yabadde ekuba butereevu mu maaso gange, kati nteekwa okuba nga nnazze bwenti. Nnina kudda ludda eno.” Nnali mbulidde munda eyo mu nsozi eziyitibwa Giants, naye nga ssimanyi wa we ndi. Ne njamba nti, “Ha!” Ne ntandika okweraliikirira. Ne ndowooza muli nti, “Lindako katono, Bill, tonnabula,” nga ngezaako okwegumyagumya. Tosobola kwegumyagumya mu mbeera eyo. Nedda, nedda. Munda muli mu mutima owulira nga oli mukyamu.

<sup>130</sup> O, o—yinza okugezaako okugamba nti, “Ha, nze nnalokoka, njenda ne ku kkanisa.” Tofaayo, ggwe linda bulinzi akaseera kali ak'okufa katuuke, awo w'olimanyira nti kya njawulo. Nga omutima gwo gukulimiriza. Nga mu ggwe mulimu ekikugamba nti oli mukyamu. Olaba? Nga okimanyi nti, ssinga omala n'ofa tewandiyinzizza kuisinkana Katonda oyo omutukuvu. Nga bwe

twamulabye akawungeezi ka jjo, nga ne Bamalayika abatukuvu balina okubikka ku maaso gaabwe okusobola okuyimirira mu maaso Ge. Oliyimirirawo otya ggwe nga toliiko Musaayi gwa Yesu Kristo kukubikkako?

<sup>131</sup> Muli ne ndowooza nti, “Ah, nja kutuuka.” Ne nsimbula buto. Ne nneesanga nga waliwo Ekintu kye ḡenda mpulira. Ne ntandika muli okutya. Muli ne ndowooza nti, “Kati, ekyo bwe mmala ne nkikola, nja kusaanawo.” Ekyo bulijjo omuntu aba abuze kye kimutuukako, azikiririra eyo mu kibira. Aba ajja kukwata emmundu ye, yeekube essasi; oba agwe eyo mu kinnya amenyeka okugulu, abeere awo, era aba wa kuffira awo. Kale muli ne ndowoozaamu nti, “ḡenda kukola ntya?” Ne ntandika okweyongerayo mu maaso.

<sup>132</sup> Ne mbeera nga mpulira Ekintu ekigamba nti, “Nze Mubeezi atabulawo mu kiseera eky’okulaba ennaku.” Ne nsigala nga ḡenda mu maaso n’okutambula.

<sup>133</sup> Ne ndowooza nti, “Kaakati, kye mmanyi ḡenda ntabuka, ntandise n’okuwulira Eddoboozi eryogera nange.” Ne nneeyongerayo mu maaso nga ntambula. Ne ḡenda nga ngira nti, “*hwyyu, hwyyu, hwyyu,*” nga bwe nfuuwa oluwa, nga bw’omanyi. Muli ne ndowooza nti, “Kati, ssinnaba kubula. Omanyi w’oli, muvubuka! Obadde ki? Tosobola kubula. Oli—oli muyizzi kkungwa, tosobola kubula.” Nga nneewaana, omanyi, nga ḡenda nneegumyagumya.

<sup>134</sup> Tosobola kwegumyagumya. Munda *muno* mulimu ka nnamuziga akaba keetooloola, nga kagamba nti, “Muvubuka, wabuze dda era ekyo okimanyi bulungi. Olaba, wabuze dda.”

<sup>135</sup> Ne nneeyongerayo bweyongezi mu maaso n’okutambula. “O, ssinnabula! Nja kuba bulungi. Nja kufulumayo.” Ebintu ne bitandika okulabika obulala, embuyaga ne zisembera. Omuzira ne gutandika okukunkumuka mu bbanga, oluzirazira olwo olumulunguka, tukiyita “kufujjirira.” Ne ndowooza nti, “Omukyala n’omwana omuto! Si...” Ne ndowoozaamu nti, “Ha, bannange!”

<sup>136</sup> Ne nziramu Ekyo ne nkiwulira butereevu omulundi omulala, nga kigamba nti, “Nze Mubeezi atabulawo mu biseera eby’okulaba ennaku.” Ate nga nnali mubuulizi wa Njiri ebiseera ebyo, nga mbuulira wano wennyini mu kkuḡaaniro.

<sup>137</sup> Bwe ntyo ne ndowooza nti, “Kaakati, nkole ntya?” Ne nnyimirira, ne ntunula buli wamu, nga olufu lumaze okukka wansi mu kiseera ekyo. Ne...Nga ky’ekyo. Nga tewakyali kisoboka kukolebwa mu kiseera ekyo. Ne ndowooza nti, “Ha, nkole ki?” Ne ndowooza nti, “Ssebo, ssisaanidde kuba mulamu, mbadde nneemanyi nnyo. Mbadde nneebala okuba omuyizzi, naye ssiri.”

<sup>138</sup> Era, ow’oluganda, mbaddenga mmweesiga Oyo bulijjo. Mu kukuba ssabbaawa, nnina likoda zange engulu eri. Mu

by'okubeera omuvubi, ssiri mulungi n'akatono, naye bulijjo mbaddenga nneesiga Ye. Mu by'okukuba ssabbaawa, ssimanyi kuteeba, naye yansobozesa okukola ebyafaayo by'ensi yonna. Olaba? Ne nkuba engabi essasi, mu yaadi lusanvu, oba lunaana okuva we nnali nsinzidde. Nnakwata emmundu engulu eri ne nzita ensolo asatu-mu-ttaano nga ssikubyeke bbali. Ekyo oyinza okukisoma awantu wonna, bw'oba osobodde. Olaba? Si nze, wabula Ye. Nnamwesiga.

Nnali awo bwe ntyo, nga ndowooza nti, “Nkole ntya? Nkole ntya?”

<sup>139</sup> Ne nsigala nga...Ekyo ne kyeyongera okusembera, ne kusembera, nti, “Nze Mubeezi atabulawo mu kiseera eky'okulaba ennaku, Omubeezi atabulawo bulijjo.”

<sup>140</sup> Muli ne ndowooza nti, “Oyo Katonda y'ayogera nange?” Ne nzija enkufiira yange ku mutwe. Nnali nnyambadde ssepeewo yange ey'omulimu gw'okulabirira ensolo z'omu ttale, nga yeetoolooddwako akatambaala akamyufu. Ne ngiteeka wansi. Ne nzigyamu ekkooti yange, nga etoberedde. Ekkooti yange ne ngiteeka wansi, n'emmundu yange ne ngyesigamya ku mabbali g'omuti. Ne njamba nti, “Kitaffe Ow'omuggulu, kati ssikyetegeera, mpulira Eddoboozi eryogera nange. Oyo ye Ggwe?” Ne njamba nti, “Mukama, njenda kwatula gy'Oli nti ssiri muyizzi. Ssiri n'akatono, e—ekkubo limbuze. Olina okunnyamba. Ssisaanidde na kuba mulamu, n'olw'ebintu bye nkoze, okujja wano nga nneerowooza okuba nti mmanyi bingi ku nsonga eno okutuusa nti ssisobola kubula. Nkwetaaga, Mukama. Mukyala wange mukazi mulungi. Omwana wange omuto, katabani kange, maama waako yafa, kati ono y'agezaako okuba maama gye kali, ate nga mbadde nnaakamuwasa. Kyokka wuuno, n'omwana omuto, bali eyo mu kibira, bombi bajja kufa ekiro kya leero. Embuyaga eyo, obunnyogovu bujja kukkira ddala ku kkumi wansi wa zeero, ate bambi tebamanyi ngeri ya kwekuumamu nga balamu. Bajja kufa ekiro kya leero. Tobaleka kufa, ayi Katonda. Ntwala we bali, nsobole okukakasa nti tebafa. Mbuze! Mbuze, ayi Katonda! E—ekkubo limbuze. Tonnyambe bambi? Era nsonyiwa, olw'okwemanya kwange! Ssirina kye nsobola kukola awatali Ggwe, Ggwe Mulunjamya wange. Nnyamba, Mukama.”

<sup>141</sup> Ne nnyimuka, ne njamba nti, “Amiina.” Ne nzigyawo akatambaala kange wansi; ekkooti yange, nayo ne ngiggyawo; ne nzizaako enkufiira yange ku mutwe; n'emmundu yange ne ngiggyawo. Ne njamba nti, “Kaakati njenda kwetegeka mu ngeri esinga obulungi gye mmanyi gye nsobola okugendamu, mu kutegeera kwange okusingira ddala obulungi; era nja kukwaatira ddala ekkubo limu, kubanga mbadde obwedda ntambula nga eyeetooloola enkulungo nga ssiva mu kifo, ssimanyi wa. Naye nja kukwata eryo ekkubo ly'Onondaga, Mukama Katonda, ggwe Omulunjamya wange.”



142 Ne ntandika okutambula nga nzira *eno*. Ne ŋhamba nti, “Lye lino, era nnina okwekakasa nti nkikkiriza. Ŋhenda *eno*. Ŋhenda butereevu *eno*. Ssigenda kusagaasagana, ŋhenda *eno*. Mmanyi nti ndi mutuufu. Ŋhenda *eno*.” Ssinga nnakwata liri, nrandibadde njolekedde eri e Canada. Olaba?

143 Mu kaseera ako ne mpulira Ekintu ekinkwata ku kibegabega, omukono, nga guwulikika ng’omukono gw’omuntu, mangu nnyo, ne nkyuka emabega ndabe. Nga tewali muntu yenna ayimiridde. Ne ndowooza muli nti, “Kibadde kiki ekyo?” Bayibuli yiino mu maaso gange. Katonda, Omulunŋamya wange era Omulamuzi wange, ayimiridde wano. Nnatunula butunuzi waggulu. Era ku ludda *luno*, olufu lwali luviiriddewo ddala nga nsobola n’okulaba omunaala ku ntikko y’Olusozi Hurricane. Nnali ntambula nkwata walala nnyo ddala okuva we guli, mu bumanyirivu bwange obw’ekitalo obw’okuyigga, nnali ntambula ate nva we guli, obudde bwali bugenda buzibira ddala mu kawungeezi ako. Ne nkyuka mangu, ne mbaako we nnatebera *wenti*. Ne nkwata enkuufiira yange ne nnyimusa emikono gyange waggulu, ne ŋhamba nti, “Nnunŋamya onsomose, ayi Katonda, Ggwe Mulunŋamya wange.”

144 Ne nsimbula. Nnali nnina okwambukira ddala waggulu butereevu nga mpunjula obusikosiko na buli kimu ntere ntuukeyo, nga obudde bwe bweyongera okuwungeera. Enzikiza n’ekwata. Obugabi nga bwe bubuukira mu maaso gange, n’ebirala. Nga ssirina kintu kyonna kye nnyinza kulowoozaako okuggyako okwekumira mu kkubo limu, okutuukira ddala waggulu ku lusozi *luno*.

145 Era nga mmanyi nti ssinga nsobola okutuuka ku munaala, Mw. Denton nange. . . Nnali nnayambako mu kuteekawo waya y’essimu nga ekiseera ky’obutiti kiweddeko. Waya y’essimu twagiwanika okuviira ddala ku Lusozi Hurricane, okutuukira ddala wansi nga wawerawo mayiro nga ssatu n’ekitundu oba nnya, okutuukira ddala wansi mu lusiisira. Era yakkiririra ddala wansi mu kisinde, naye, olw’okuba omuzira gwali gubutikiddewo, ekisinde nga tosobola kukiraba. Olaba? Nga empewo ekunta na buli kimu, nga enzikiza ekutte nga n’embuyaga ey’amaanyi ennyogoga ekunta, nga bw’oba otambula, kizibu okumanya w’oli. Kale, kye kintu kyokka kye nnali mmanyi okukola, kyokka nga obudde bumaze okuziba, ate nga ssimanyi. . . nnali nkimanyi nti nkutte ekkubo limu, njolekedde waggulu ku lusozi. Kubanga nnali nteekwa kugenda ku lusozi waggulu, era omunaala gwali ku lusozi waggulu ddala, era nga nkyasigazzayo mayiro nga mukaaga okugutuukako. Kirowoozeemu, olufu olwo nga luvuddewo, mayiro mukaaga, olunya lumu lwokka, okutuusa lwe nnali nga nsobola okugulengera!

146 Kale nga ngira ne—ne nkwata emmundu yange mu mukono *guno*, ate *guno* omukono ne nguwanika waggulu, kubanga

nnali nnakomerera wa—waya ku miti bwentyo nga eserengeta, waya z'essimu okutuuka ku kayumba kali akasulwamu ak'ebibaawo, asobolenga okwogera ne mukyala we, era abeere nga amukubira essimu okuva eri, nga asinziira ku lusozi. Era nnali n̄enda kumuyamba kugiwanulayo mu kiseera ekyo oluvannyuma lw'ebiseera by'ebbugumu. Kale omukono gwange nnali nguwanise waggulu *bwenti*, nga bwe n̄amba nti, “Ayi Katonda, leka nkware ku waya eyo.” Ne ntambula, omukono gwange ne gutuuka okufuuyirira ennyo, nga nkooye, ssikyasobola kuguwanirira, nga nnina kugussa wansi. Ate ne nkyusa emmundu ne ngissa mu *ogwo*; ne nzirayokko emabega ebigere nga bibiri okukakasa nti siremwa kugizuula, ne mpanika buto omukono gwange waggulu, ne nziramu okutambula, ne ntambula. Nga obudde bwe bweyongera okuziba, n'enzikiza okukwata, n'embuyaga okukunta. Ha, nga nnyinza okukwata ku katabi, ne n̄amba nti, “Ye yo! Nedda, si ye yo.” Ha, nga kiwa. . . Tokikkiriza kuvaamu ddooboozi litategerekeka.

<sup>147</sup> Oluvannyuma lw'akaseera, nga nnaatera okutendewalirwa mbiveeko, omukono gwange ne gubaako ne kye gukwata. Ha, bannange! Nnali nzawuddwa, nze eyali azaaye. Ne nneekwata ku waya eyo. Ne nsuula emmundu wansi, ne nzigyako enkufiira ku mutwe gwange, ne nnyimirira awo. Ne n̄amba nti, “Ayi Katonda, nga kiwulikika bulungi okuzaawulwa, ng'obadde ozaaye.” Ne n̄amba nti, “Okutuukira ddala ku nkomerero ya waya eno, ssigenda kugita. N̄enda kugyekwatako. Ejja kuntuusiza ddala awo abasinga obuganzi gyendi ku nsi eno we bali, emmanga eri. Mukyala wange n'omwana, mu kweraliikirira, nga tebamanyi gye ndi, nga tebamanyi na kukuma muliro, nga tebamanyi na kya kukola, kyokka nga embuyaga zikunta, nga n'amatabi bwe gabwatuka nga gawogoka ku miti.” Nga ssiyinza kwetantala kuta waya eyo. Era nneekwaata ku waya eyo okutuusa lwe yantuusa butereevu awaali abo abaali bansingira obuganzi ku nsi.

<sup>148</sup> Ekyo ekyantuukako kyali kya ntiisa nnyo ddala, era kyali kya kuyiga kikulu gyendi okuzuula ekkubo erinfulumyayo, naye ekyo kyali kitono nnyo. Lumu nnali nnabulira mu kibi. Nnagendanga mu kkanisa nga nva mu emu ne nzira mu ndala, nga nnina Ekintu kye nnoonya. Ne n̄enda mu Basevenisisidde Abaadiventi, ne bann̄amba nti, “Kuuma Ssabbiiti, olekeyo okulya ennyama.” Ne n̄enda mu kkanisa y'Ababaputisiti, ekkanisa y'Ababaputisiti eyasooka, n'agamba nti, “Gwe yimirira obagambe nti okkiriza Yesu Kristo Omwana wa Katonda, nkubatize, nga kiwedde.” Nga byonna temuli kantu. Naye lumu, wabweru wansi w'ekisasi ky'ekibanda ky'amanda, lwe nnawanika emikono gyange waggulu, waliwo Ekintu kye nnakwatako; oba, ka n̄ambe nti, waliwo Ekintu ekyankwata. Yali waya ey'Obulamu, Omulun̄n̄anya. Era y'Antuusizza eno yonna awatali kabi konna, ssigenda kujja ngalo zange ku

Waya eyo. Emikono gyange gyekutte ku Ye. Leka ebikwaate, n'ebibiina by'amadiini bikole byonna bye byagala, nze nneekutte ku Mulunŋŋamyā. Kubanga ebyo byonna ebyali bibaddeko ku nsi n'ebyo byonna ebiri mu Ggulu, eby'omuwendō ennyo gyendi, biri eyo Waya eno gy'ekoma. Antuusizza eno yonna nga ssiriiko kabi konna, nja kumwesiga n'olw'ekitundu ky'olugendo ekisigaddeyo. "Oyo Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, Alibalunŋŋamyā era abakulembere eri buli . . ."

<sup>149</sup> Ab'emikwano, y'Antuusizza wendi leero. Y'anfudde kyendi. Nsobola okumubanjulira n'essanyu. Ye Mulunŋŋamyā yekka gwe mmanyiiko, ku by'oku nsi kuno n'eby'eyo Waggulu. Ye Mulunŋŋamyā wange bwe nŋenda okuyigga. Ye Mulunŋŋamyā wange bwe nŋenda okuloba. Ye Mulunŋŋamyā wange bwe mba ne gwe njogera naye. Ye Mulunŋŋamyā wange bwe mba mbuulira. Ye Mulunŋŋamyā wange bwe nneebaka.

<sup>150</sup> Era bwe ndituuka okufa, aliba Ayimiridde ku mugga. Alinkulembere ansomose emitala. "Ssiritya kabi konna, kubanga Ggwe oli nange. Oluga Lwo n'Omuggo Gwo, bye binangolola n'okunsomosa omugga."

Ka tusabe.

<sup>151</sup> Kitaffe Ow'omuggulu, nkwebaza nnyo olw'Omulunŋŋamyā, Oyo ankulembere. O, ebiseera ebimu, Kitange, bwe ssimuwulira kumpi nange, ntandika okutya. Mmwetaaga ambeere ku lusegere kubanga ssimanyi kiseera we ndituukira okusomoka omugga. Njagala ambeere kumpi. Tondekangawo, Mukama. Ssiyinda kwogera, ssiyinda kubuulira, ssiyinda kuyigga mu kibira, ssiyinda kuloba byannyanja ku lubalama, ssiyinda kuvuga mmotoka yange, tewali kye nyinza kukola awatali Ggwe. Ggwe Mulunŋŋamyā wange. Nga ndi musanyufu nnyo okubuulira ekibiina kino akawungeezi ka leero, engeri gy'Onnunŋŋamizzaamu mu bintu bino byonna, engeri gy'Onkulembeddemu okuntuusa wano!

<sup>152</sup> Luli nnali ndowooza; emyaka si mingi egiyise, nnali nnyimiridde ku luguudo wammanga wano, kubanga ab'ewaffe baali baasobya, nga tewali ayagala kwogera nange. Nnalinga muwuubaavu nga ssirina bantu be nkolagana nabo. Nga tewali n'omu ayagala kunneeseberezza. Nga bagamba nti, "Kitaawe muiyisa wa mwenge." Era, Mukama, walaba nga tewali yali ayagala kwogera nange. Ate nga njagala abantu. Naye lumu bwe nneekwaata ku Waya eyo! Naye kati ndowoozaamu, Mukama nti, nneetaaga kusooka kwebbirira okusobola okugendako mu ddungu okuwummulako. Kiki ekyakireeta? Si ttutumu, si buyigirize; ku byombi ssirinaako n'ekimu. Naye yali Ggwe, Mukama. Ggwe, Mukama. Wansobozesa okukuba ssabbaawa, wansobozesa okukwata ebyennyanja ebinene, kubanga wamanya nti nnali njagala okukikola. Ompadde ba taata ne ba maama. Ompadde baganda bange ne bannyinaze.

Ompadde okuba omulamu ne ssirwaala. Ompadde omukyala. Ompadde amaka. Ggwe Mulunjamya wange, Mukama. Leka nkwater omukono Gwo, tonjanyanga kuguta. Omukono ogumu bwe gunaakoowa, nja kuwaanyisa nkwaterise omulala. Nnyamba, Mukama.

<sup>153</sup> Era buli ali wano yenna leka yekwater ku waya y'emu eyo ey'Obulamu, Mukama, Omwoyo Omutukuvu nga bwe Bulamu bwaffe, ensulo ewa Obulamu. Era leka etulunjamye ffenna okutuuka mu Nsi eri ey'essanyu, eyo nga okulafuubana kw'obulamu buno kukomye nga n'emirimu gyaffe ku nsi giwedde, nga tewakyali kukaddiwa, nga tewakyali banafu, nga tewakyali nnaku za kukoowa, nga tewakyali kukaaba na kusaba, nga tewakyali kuyita bantu kujja ku wolutaali, wabula tuliba bavubuka eyo emirembe gyonna, okulwala n'ennaku nga bikomye. Nga tewakyali kibi, era tulibeera mu butuukirivu bwa Katonda emirembe gyonna egirijja, mu Butaggwaawo obw'emirembe n'emirembe. Kituwe, Kitaffe.

<sup>154</sup> Era kaakano, Kitaffe, ekiro kya leero wano bwe wabaawo omuntu yenna atakwatanga ku waya eyo ey'Obulamu, leka bagizuule mu kaseera kano. Era leka Omwoyo Omutukuvu Oyo annunjamizza . . . Era nsobola okwogera okuva mu mutima gwange, nga omukono gwange guli ku Kigambo Kyo, nti Abaddenga mutuufu bulijjo. Nze mbeera mukyamu emirundi mingi. Naye Ye mutuufu. Leka Asigale nange, Mukama. Ka nsigale naye. Era n'abalala bangi abali munda wano, abatamumanyi akawungeezi ka leero, nsaba beekwater ku mukono Gwe ogutakyukakyuka, basobole okweyongerayo mu maaso nga balunjamizibwa.

<sup>155</sup> Era lumu tulituuka ku mugga. Obudde buliba bukutte olufu ne ku makya ago, era. Ennyanja enkadde eriba eyira, Yoludaani ey'edda, nga amayengo amanene geggunda, nga okufa kututuga okutuggyamu obulamu. Naye, ayi Katonda, ssi—ssiritya. Byonna nnabitereeza dda. Njagala nzigyeko bujja sseppeewo yange, nga omulwanyu, nkyuke, ntunule emabega mu kkubo okulaba wa Waya eyo w'ennunjamiza okutuuka. Ndabe eddungu lyonna lye mpiseemu, na buli kasiko k'amaggwa, na buli ntuumu y'amayinja yonna eyannuubula, naye nga nneekutte ku Waya. Nga bwe Wagamba, nga omutontomi bwe yagamba nti:

Abamu bayita mu mazzi, abalala mu mataba,  
Abamu mu bigezo ebizibu, naye bonna awamu  
bayita mu Musaayi.

Era njagala nkwater *Kino*, Ekitala eky'edda, ekyankuuma okumpisa mu lugendo, nkikwater nkizze mu kiraato kyakyo, ndyoke ndekaanire waggulu nti, "Kitange, tuma eryato lijje enkya ya leero, nkomawo Eka." Olibaayo, Mukama. Wakisuubiza. Tosobola kulemerewa.

<sup>156</sup> Wa omukisa buli ali wano kati. Era bwe baba tebamanyi ngeri ya kwekwata ku Waya eno, era nga tebagikwatangako, leka emikono emitukuvu giwanikibwe kaakati, emikono egyetaaga, emikono egiyaayaana, gikwate ku waya eno ey'Obulamu enaabakulembere okubatuusa eri okuyaayaana kw'emitima gyabwe, emirembe egituukiridde n'okumatizibwa, okuwummulira mu Kristo.

<sup>157</sup> Nga tukotese emitwe gyaffe, wayinza okubaawo emikono egiwanikibwa egigamba nti, "Nange. Kwata omukono gwange"? O, Katonda abawe omukisa.

Olugendo bwe lutandika okunakuwaza,  
Mukama omulungi, mbeera kumpi,  
Nga obulamu bwange bunaatera okusaanawo;  
Ndiyimirira ku mugga,  
LunḂanya ebigere byange, nkwata omukono,  
Nkwata ku mukono, Mukama omulungi,  
onkulembere.

<sup>158</sup> Wayinza okubaawo omulala ayimusa omukono gwe, nga agamba nti, "Mukama, njagala mpulire okukwatibwako kwa waya ey'Obulamu akawungeezi kano. Njagala mpulire nga Kristo ansonyiye ebibi byange, era njagala kuba kitonde kiggya okuva ku ssaawa eno okweyongerayo"? Katonda akuwe omukisa. Wayinza okubaawo omulala agamba nti, "Ka nkukwateko, Mukama. Ka mbuze obulamu bwange"? Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Ka mbuze obulamu bwange, nsobole okubuzuula, Mukama, mu Ggwe." Katonda akuwe omukisa. Naawe Katonda akuwe omukisa. Ky'ekyo. "Ka mbuze obulamu bwange, Mukama. Ka nneerabire." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. "Ka nnee. . ." Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Ka mbuze okumanya kwange kwonna." Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Tewesiga ntegeka za bantu buntu. Goberera OmulunḂanya, Ajja kukulunḂanya mu Mazima gona. "Nkulembere, Mukama Yesu, nkulembere." Katonda akuwe omukisa emabega eyo. O, emikono nga mingi egiyimusiddwa waggulu, nga gyetaaga obulokozi. Kati nga tu. . .

<sup>159</sup> Ku wolutaali wano, tosobola kuyita bantu bajje ku wolutaali, kubanga abantu batudde okugyetooloola yonna. Naye w'Ali wano wennyini. Omanyi bulungi ddala nti, bw'owanise omukono gwo, waliwo ekibaddewo mu mutima gwo. Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwawo." Okitegeereza ddala? Kale nno ekidiba kiri wano ekijjudde amazzi. Waliwo ekiseera ekimala eky'okubatiza. Ka tusabe.

<sup>160</sup> Kitaffe Ow'omuggulu, Obubaka buno obwekutudde kutudde obubuuliddwa akawungeezi kano okuyita mu ddoobozi essaakaavu, Omwoyo Omutukuvu atekwa okuba nga aliko

w'atuuse. Atuuse we yaluubiridde okugenda, era waliwo bangi, Mukama, akawungeezi kano, nga kkumi na bataano oba abiri abayimusizza emikono gyabwe waggulu, nga beetaaga Omulunganyama. Bakizudde nti babadde beerimba. Nga bagezaako okugamba nti "Ndi bulungi," naye nga munda muli bakimanyi nti si kye bali. Era baagala bakuwulire Ggwe, Mukama. Beetaaga Omulunganyama. Baagala kwewandiisa. Ggwe tojjuzangako n'otuuka okubulwa omwagaanya. Baagala kwewandiisa olw'olugendo luno. Tebamanyi ngeri ya kutuukayo. Tewali n'omu amanyi ngeri ya kubatwalayo; okuggyako Ggwe Wekka. Bazze okufuna Omulunganyama Katonda gwe yagabirira, Omwoyo Omutukuvu. Bayimusizza emikono gyabwe.

<sup>161</sup> Ayi Mwoyo Mutukuvu era Omulunganyama, bakkeeko. Sonyiwa buli kyonono. Sonyiwa obujeemu bwabwe. Bayingize mu Mubiri gwa Kristo akawungeezi kano, mwe banaawulirira amasannyalaze ga Katonda nga gayita mu Waya eyo enaabakulembera okutuuka wansi ku Yoludaani, n'okubasomosa Yoludaani okubatuusa mu Nsi ensuubize. Leka bagoberere ddala emabega w'Ekigambo. Ekigambo kyagamba nti, "Mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo." Leka baleme kugezaako kukikola mu ngeri ndala yonna. Leka bagoberere ddala Ekigambo nga bakivaako emabega, kubanga y'Ajja okubalunganyama. Ago—ago ge madaala agalina okulinyibwa okutuusa lwe tunaakwata ku Mulunganyama. Kituwe, Mukama. Leka babeere babo. Bali mu mikono gyo kaakano, nga ebirabo ebivudde mu buwanguzi bwo, tewali asobola kubakwakkulamu. Nzikiriza nti ojja kubatwala, ng'abantu abalokoleddwa. Nzikiriza nti bayimusizza emikono gyabwe, tebandisobodde kukikola ku lwabwe okuggyako nga waliwo Ekintu ekyogedde nabo. Oyo abadde Ggwe, Omwoyo Omutukvu era Omulunganyama.

<sup>162</sup> Balaba nga essaawa esembera, olufu lugenda lubuutikira ensi, ebikwate ebinene n'e—n'ebirala bigenda byegatta, nga amakanisa bwe gakola omukago, nga geegatta. Era, Ayi Katonda, nga bagezaako okugamba nti, "Abo bonna abalimu eky'enjawulo balina okuvaawo wano bagende mu Alaska." N'ebintu ebirala bino byonna bye batutiisa nabyo, si bipya gye tuli, Omulunganyama omukulu yamala dda okubitulaga mu kkubo ly'Ekigambo. Tuli mu kuyita buyisi mu kitundu ky'Ekyo.

<sup>163</sup> Kitaffe, Katonda, Ggwe oyogedde gye bali akawungeezi kano, era mbakuwa kaakano nga ebirabo by'Ekigambo ebivudde mu buwanguzi bwo. Mu Linnya lya Yesu.

<sup>164</sup> Kaakati, wano ku kameeza waliwo, Kitange, ebiremba, by'abalwadde, oba oli awo omwana omu omuwere, oba oli awo, maama omu, mwannyinaffe omu, muganda waffe omu; obumu buliko n'obuuma obukwata enviiri. Era kati mbiwambaatidde mu kifuba kyange. Kaakati, tuyigirizibwa mu Bayibuli nti bajja ku mubiri gwa Pawulo ebiremba,

n'ebitambaala, era abalwadde ne bawonyezebwa, n'emyoyo emibi ne giva ku bantu. Kati tumanyi, Mukama, nti Pawulo yali muntu, yali muntu buntu. Naye amafuta g'Omwoyo Omutukuvu agaamuliko ge gaawa omukisa ebiremba ebyo, wamu n'okukkiriza abantu kwe baalina nti yali mutume Wo. Kati Pawulo yatuggyibwako, naye OmulunḂamyanya si ye yatuggyibwako, Akyaliwo wano. Era, ayi Katonda, nsaba owe omukisa ebiremba bino, era leka OmulunḂamyanya abakulembere okutuuka awantu, we baneeweerayo ddala.

<sup>165</sup> Tugambibwa nate nti Isiraeri bwe baali bagoberera OmulunḂamyanya waabwe, ne batuukira ddala wansi ku Yoludaani, wansi ddala (many) ku Nnyanja Emmyuufu. Nga bali mu buvunaanyizibwa bwabwe bwennyini baayimirizibwa, ate nga OmulunḂamyanya ye yabakulembere okubatusaayo. Kyali kiki? Kulaga kitiibwa Kye. Era essuubi lyonna nga liwedde, Katonda yatunula wansi ng'asinziira mu Mpagi eyo ey'Omuliro, n'ennyanja enfu n'etya ne yezingako, era ekkubo ne likolebwa ku lwa Isiraeri basobole okusomoka okutuuka mu nsi ensuubize.

<sup>166</sup> Mazima ddala, Mukama, Ggwe okyali Katonda y'omu. Abantu bano bayinza okuba nga Bakristaayo, osanga bali mu buvunaanyizibwa bwabwe mwennyini, naye batuusiddwa mu kanyigo kano endwadde we zibafumbiikirizza. Tunula wansi nga oyita mu Musaayi gwa Yesu akawungeezi kano, ne ssetaani oyo atye, adde ennyuma, n'abaana Bo banaasomoka batuuke mu kisuubizo ky'obulamu obulungi. Kituwe, Kitaffe. Mbusindika okuva ku mubiri gwange eri egyabwe, mu Linnya lya Yesu Kristo.

<sup>167</sup> Nnyimusa ekibiina kino mu maaso Go, n'okukkiriza mbatwalira ddala ku kyoto kya Katonda eky'ekitiibwa eri mu Ggulu. Olwa buli kyetaago ky'obulwadde, buli ekibasobyeko, buli ekikyanye wonna mu bulamu bwabwe, ayi Katonda, banaaze, bafuule Babo. Bawonye, Kitange. Era leka Amaanyi agaazuukiza Yesu okuva mu ntaana, galamuse emibiri gyabwe egifa era gabafuule ebitonde ebiggya mu Kristo. Bawe obulamu obulungi n'amaanyi okukuweereza.

<sup>168</sup> Nzijukira, Ayi Mukama. Ndi muweereza Wo. Nnyamba, nnyimiridde wakati mu bwetaavu nga nsaba. Era nsaba nti Omwoyo Omutukuvu atulunḂamyanya era atukozese, era atukulembere okutuuka ku lunaku lwe tuliraba Yesu Kristo maaso ku maaso ku Kujja Kwe okw'ekitiibwa lwe tulimisisinkana mu banga mu Kukwakkulibwa. Mu linnya lya Kristo tukisabye. Amiina.

Mmwagala, Nze . . . (Omwagala?)  
 Kubanga Ye yasooka okunjagala  
 Era n'asasilira obulokozi bwange  
 Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

<sup>169</sup> Kati, bwe muba nga temwagalana n'oyo gw'olabako, olwo on'omwagala otya Oyo gw'otolabangako? Kati nga bwe tuyimba *Mmwagala*, leka tukwateko mu ngalo z'oyo atuliraanye nga kiviira ddala mu mutima n'okwagala.

Mmwagala, . . .

Katonda akuwe omukisa . . . ? . . . Katonda akuwe omukisa . . . ? . . . Katonda akuwe omukisa . . . ? . . . Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville . . . ? . . . Uh-huh. Katonda akuwe omukisa . . . ? . . .

Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Kati ka tuwanike emikono gyaffe gy'Ali.

Mmwagala, Mmwagala  
Kubanga Ye yasooka okunjagala  
Era n'asasulira obulokozi bwange  
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.


<sup>170</sup> Olw'oluyimba olulungi, mwandyagadde okuwulirayokko olumu? Nkitedgeddeko nti tulinawo omuyimbi omubuulizi w'enjiri nga y'akulembera ennyimba mu Indianapolis. Nzikiriza ayimbira mu Kkuṅṅaniro lya Cadle. Bwe kiri? Kale, ssebo. Ogwo gwe mulimu gwe eri mu Kkuṅṅaniro lya Cadle. Bameka abajjukira E. Howard Cadle? O, bannange! Katonda awummuze emmeeme ye ey'omuwendo. Ennyonza ey'omu bbanga, omukazi gwe nnali njagala ennyo okuwuliriza nga ayimba, okusinga abalala bonna be nnali mpuliddeko nga bayimba mu bulamu bwange, yali Muky. Cadle, nga ayimba, "Nga tonnava mu kisenge kyo enkya ya leero, walowoozezzaako okusaba mu Linnya lya Kristo Omulokozi waffe, nga Engabo leero?"

<sup>171</sup> Ebusukkakkubo wennyini lumu ku makya, mu kayumba akatono ak'obusenge obubiri, nnayimuka, nnali ḡḡenda kuyingiramu nkume omuliro. Essigiri n'egaana okwaka. Ne ngezaako okuddamu okugukuma, naye embuyaga n'ejja, n'ebinfuumulira mu maaso. Ate nga obudde bunnyogovu, era nnali nnaatera okufa obunnyogovu. Era nga omuzira gubunye wansi wanna, ate nga siri mu ngatto; nga ngezaako okukuma essigiri eno enkadde ey'ekibaati, eyaliko omudumu gw'akabiga. Era nnali . . . Nze ne Meda twali twakafumbiriganwa. Era nga ngezaako, enku ezaaliwo zaali zitobye nga zigaanye okwaaka, nga ntudde butuuzi awo, ne ndowooza nti, "Ha, bannange! Ka nziremu ngezeeko." Nga nnina okugenda okukola, ne mpujja ssigiri *bwe ntyo*. Awo ne nkunuukiriza ne nteekako leediyo, awo n'atandika okuyimba, "Bwe wabadde tonnava mu kisenge kyo enkya ya leero, walowoozezzaako okusaba," nnagwa bugwi wansi ku ttaka, "mu Linnya lya Kristo Omulokozi waffe, nga Engabo leero?" O, nga njagala nnyo okuwulira omukazi oyo!

<sup>172</sup> Lumu bwe ndisomoka omugga, nzikiriza ndiwulira Muky. Cadle nga atudde wali. Omani, bulijjo mbaddenga nsaba okumusisinkana. Ku ludda luno olw'omugga, waliyo Omuti



ogutakala, omanyi, Omuti ogw'Obulamu; ate ku ludda luli olw'omugga, waliyo kwaaya ya Bamalayika eyimba emisana n'ekiro, olw'okuba eri teri kiro, bayimba olunaku lwonna, olaba. Ndyefunirayo akafo ne ntuula wansi ne ngiwuliriza. Nzikiriza nti ndiwulira ne Muky. Cadle nga ayimba eyo.

<sup>173</sup> Katonda awe muganda waffe omukisa. Erinnya lye ndyerabidde. Ggwe ani, ow'oluganda? [Ow'oluganda agamba nti, "Ned Woolman."—Omuti.] Ow'oluganda Ned Woolman agenda kubayimbiramu kaakano. Ow'oluganda Woolman, tuli basanyufu okuba naawe wano akawungeezi kano. [Ow'oluganda Woolman ayimba *Essinzizo ly'Omutima Gwange*.] 

*OMULUNNAMYA* LUG62-1014E  
(A Guide)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga Okitobba 14, 1962, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS  
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.  
[www.branham.org](http://www.branham.org)

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS  
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.  
[www.branham.org](http://www.branham.org)